Ensigo Tesikira

Wamu Na Kisusunku

Ka tusigale nga tukyayimiridde olw'akaseera ak'okusaba. Ka tukoteke emitwe gyaffe.

2 Ayi Katonda omwagalwa, guno tugutwala okuba nga mukisa gwa maanyi ddala, akawungeezi kano, ffe okubeera wano ku mulundi guno, okuleeta Kristo omulamu eri ensi eri mu kufa n'eri omulembe oguli mu kufa.

3 Tukusaba, ayi Mukama, ofuke amafuta ku bigambo byaffe n'okufuba kwaffe, bireme okudda gy'Oli nga byereere, wabula leka bikole era bituukirize ekigendererwa kyabyo.

4 Yamba buli musajja, buli mukazi, buli mulenzi, na buli muwala, ali wano akawungeezi kano, alina ekyetaago. Era, Kitaffe, tumanyi nga ffenna tuli beetaavu. Era we tunaaviira wano, akawungeezi kano, leka tuwulire mu mitima gyaffe nga bali abaali bava Emaawo, oluvannyuma. . . lw'okulaba okuzuukira kwa Kristo, nga tugamba nti, "Emitima gyaffe tegyatubuguumiridde munda yaffe bwe Yabadde ayogera naffe mu kkubo?" Kituwe, ayi Mukama.

5 Wonya abalwadde n'abanyigirizibwa. Leka waleme kubaawo mukosefu yenna mu makkati gaffe oluvannyuma lw'olukuŋŋaana akawungeezi kano. Okusinga byonna, leka waleme kubaawo muntu yenna asigala nga takkiriza, ayi Mukama. Leka bonna bakkirize Obulamu Obutaggwaawo, kubanga ekyo kye kigendererwa ky'okukuŋŋaana kwaffe wano.

6 Emikisa gino gyonna tugisabye ku lw'ekitiibwa ky'Obwakabaka bwa Katonda, mu Linnya lya Yesu Kristo, Omwana wa Katonda. Amiina.

Muyinza okutuulako.

7 Kirungi, akawungeezi kano, okuba nga tukomyewo wano. Ndaba nga tulinawo abatonotono abayimiridde okwetooloola, era ndowooza nti—nti amasimu kaakano gayungiddwa, okuyunga ebibuga eby'enjawulo okwetooloola eggwanga lyonna; San Francisco, Tucson, engulu eri mu buvanjuba. Kale bwe tutyo, okuyita mu masimu ago, tubalamusaako bonna. Tuli wano mu kizimbe ekinene akawungeezi ka leero. Era mu kizimbe ekinene wonna wakubyeko, ne mu nkuubo; n'emabbali ku bisenge, wonna wajjudde abantu nga bayimiridde. Era tukitegeddeko nti akawungeezi k'olw'enkya tujja kugezaako okuggula oludda luno olulala, mu kisenge omuzannyirwa emizannyo egy'omunda, tusobole okuba n'ekifo ekigaziko

ekinaasobola waakiri okutuuza abantu abalala enkumi nga ziizo. Kale ekyo kye tusuubira okukola, akawungeezi k'olw'enkya. Bwe kiba nga kijjuliddewo olwa leero, nga ate ke kawungeezi akasooka, ddala, tukkiriza nti ate akawungeezi k'olw'enkya kijja kusingawo nnyo. Era ndaba nga bongeddemu n'entebe, na buli kimu, era, akawungeezi ka leero.

8 Tusuubira n'okwesunga okw'amaanyi; okusookera ddala, Okujja kwa Mukama waffe Yesu; eky'okubiri, obulokozi bw'e . . . eri emmeeme ezaabula ezinaamusembeza akawungeezi kano zeteekereteekere Okujja Kwe bw'Alirabika.

9 Njagala okulamusa mu ngeri ey'enjawulo n'okwaniriza abasajja bano bonna abalungi abali wano ku kituuti, be ntegeddeko nti bangi ku bo baweereza. Bawera nga ebikumi bibiri, oba n'okusingawo, abatudde wano ku kituuti, era mazima ddala tusiima nnyo okubeera kwabwe wano.

10 Eri mwenna, yonna gye muli, mu bitundu by'eggwanga eby'enjawulo . . . Era nkitegeddeko nti waliwo n'abali wano abaasomose ennyanja, abaavudde emitala w'amayanja. Kale tusiima nnyo okuba nga muli wano okunyumirwa okussa ekimu kuno awamu naffe, we twesunga ebintu eby'enjawulo Katonda by'agenda okutuwa mu lukuŋŋaana luno.

11 Kirabika nga, kasookedde ndowooza ku ky'okukomawo okuba n'ennaku zino entono ez'ekuŋŋaana, nga mu mutima gwange mbaddenga n'okusuubira okutali kwa bulijjo n'okulumirizibwa okw'amaanyi nti waliwo ekinaatera okubaawo. Ssinnaba kumanya kiki kye kiri, naye nsuubira nga kunaaba kubikkulirwa okukulu okuva eri Katonda, okunaa—okunaatuteekateeka ne kutuleetera okuba abatuuze b'Obwakabaka Bwe abalungi okusinga bwe tubadde nga bwe tutambula mu nsi eno ekutte ekizikiza ky'ekibi n'obutakkiriza.

12 Ekifo kino we tuli akawungeezi kano, akafo kano kennyini, kalina ekintu eky'amakulu kye kategeeza gyendi. Kasookedde mmanya nti wano baazimbawo ekizimbe ky'essomero kino ekinene omukuŋŋaanirwa, mbaddenga njagala bulijjo okubaako n'olukuŋŋaana mu kifo kino. Nsiima nnyo akakiiko akaddukanya essomero wamu n'abo abaatukkirizza okukyeyambisa.

Mu kifo kino kyennyini, wano wennyini ekizimbe kino we kiyimiridde akawungeezi kano, we waali ekintu ekikulu emyaka nga amakumi asatu egiyise, mu kifo kino kyennyini. Mu kiseera ekyo yali nsiko njereere ey'obuseekende. Era nnali mbeera mu kayumba akatonotono erudda wali, yaadi nga ebikumi bibiri okuva wano. Mu kiseera ekyo nnali nnumirirwa nnyo okulokoka kwa kitange ne mmange. Kaakano, bombi abaasomoka emitala. Era okusingira ddala, ku olwo, nnali nnumirirwa nnyo kitange. Nzijukira, nnali nneebase ku kifugi. Byali biseera bya bbugumu, nga bya musana.

13 Bino nzikiriza, byawandiikibwa, mu katabo akayitibwa *Yesu Kristo Aba Bumu Jjo, Leero, n'Emirembe Gyonna,* oba si ekyo nga byali mu katabo akalala akayitibwa *Ssaalema Kugondera Kwolesebwa Okw'omu Ggulu.*

14 Mba ngalamidde ku kifugi, amangu ago ne nzuukusibwa, ne nfuna omugugu ku mutima gwange ku lwa kitange. Nga, bangi ku mmwe aba wano mu kibuga kino bwe mwali mumanyi kitange. Muli ndowooza yali musajja wa kitalo, wadde nga yali mwonoonyi. Era, naye yalina omuze omubi, gwe nnagezaako okulwanyisiza ddala nga bwe nsobola, mu kiseera ekyo kyonna, era nga okwo, kwali kunywa mwenge. N'akawungeezi ako yali mu kunywa. Kale nnazuukuka nga mpulira omugugu ogw'amaanyi ku mutima gwange ku lulwe. Nnali mu ngoye zange ezisulwamu, ne nnyongerako empale yange, yo essaati esulwamu ssaagiggyaamu; ne ntambulatambula mu nsiko eno ey'obuseekende, ne ntuuka erudda wano nga ekizimbe kino we kiri, ne nfukamira wansi okusabira kitange.

15 Mba nsaba nneegayirira Katonda amulokole aleme ku—kumuganya kufa nga mwonoonyi, kubanga mmwagala; mba nsaba, ne nnyimuka okutunula ku ludda olw'ebuvanjuba okuva wano, ne wabaawo okwolesebwa. Nga waggulu wange, nga bangi ku mmwe bwe mumanyi ku kwolesebwa okwo, nga waliwo Mukama waffe Yesu ayimiridde awo.

16 Kati, nga bwe mmanyi, obwongo bwange tebuyinza kundaga kintu nga tekiriiwo. Naye okwolesebwa kwo kuba kwa nnamaddala. Era nnagenda okulaba nga Mukama waffe Yesu ayimiridde awo, omulundi gwe nnasooka okumulaba mu kwolesebwa okw'engeri eyo. Yali nga, ha, ndowooza ffuuti nga kkumi waggulu w'omutwe gwange, nga ayimiridde mu bbanga, nga alinga asimbula ekigere ekimu. Yali ayambadde ekyambalo ekyeru, nga kiriko n'ebijwenge ku mabbali. Yalina enviiri nga zituuka ku bibegabega Bye. Nga Alabika okuba nga, Omusajja aweza emyaka nga amakumi asatu, nga Bayibuli bw'egamba. Naye, nga mutonotono, Musajja wa mubiri mutono, nnyo ddala, nga Alabika nga ataweza na kiro zisukka ataano mu mwenda.

17 Ne ntunula, naye ate ne ndowooza muli nti wandiba nga waliwo ekibaddewo, nti oba oli awo nze ssiraba bulungi. Kye nnava—nnava nsiimuula amaaso gange ne—ne nziramu ne ntunula waggulu. Ŋŋenda okulaba nga Ayimiridde atunuddemu erudda, nga obwenyi Bwe mbulabako ludda lumu so si butereevu mu mmunye. Kati endabika y'obwenyi Bwe, gye ndabyenga bulijjo mu kwolesebwa, ebaddenga efaananamu n'ekifaananyi ekyasiigibwa Hoffmann eky'omutwe gwa Kristo nga wa myaka asatu. Eyo y'ensonga lwaki nnakitimba mu nnyumba yange, ne nkissa ne mu butabo bwange, na wonna we nsobola okukiteeka, kubanga kye kikisemeredde ennyo, mu nfaanana. Okuggyako nti, Yali alabika nga mutonoko.

18 Mba mmutunuulidde, muli ne ndowooza nti, "Sikakasa nti ntunuulidde Mukama wange nga y'ayimiridde awo." Era nnali nga, nnyinza okugamba nti nnali, ludda *wano*, era oba oli awo nga *kino,* ekituuti kino we kiri kaakati. Nga erudda wano, mu kafo kano, bwe wati, okwetooloola we nnyimiridde, bwe mba mpimye bulungi, mu yaadi nga amakumi ana oba ataano erudda wano bwe wati, mu nkulungo eno.

19 Ne ntunula waggulu, nga Ayimiridde awo. Ne nneeruma engalo, ndabe oba nnali nneebase. Mumanyi engeri gy'o... Kyalabika nga ekitasoboka kuba nti bwe kiri. Nnali nkyali na muto mu Mukama waffe mu kiseera ekyo, nga nnaakamala emyezi nga mukaaga kasookedde ntandika okubuulira. Ne nneeruma ku ngalo. Ne nkwata akati k'akaseekende ne nkamenyako. Ekyo mmwe ababeera mu byalo mumanyi engeri akati k'akaseekende ako, gye kafaananamu, akati akakozesebwa okusokoola amannyo. Ne ntandika okukagaaya. Ne ŋŋamba muli nti, "Te—tekisoboka. Ndabika ndoota. Ewaka waffe waawali. Taata, maama, n'abaana gye bali. N'ekidiba ky'oku nnyumba eri enkadde eya bbulooka eyali wano kiikiri, kwe nnayiggiranga embaata, yaadi nga ebikumi bibiri okuva wano. Ate nze nzuuno nnyimiridde wano mu nsiko; kirabika ndoota."

20 Ne nsambamu awo ku ttaka, ne nsambirira wansi katonotono, ne nnyeenya omutwe, ne—ne nkunya engalo zange, ne nziramu ne ntunula waggulu; ne nzigyayo amaaso, ne ngazzaayo, nga era Akyaliwo, ayimiridde awo. Awo empewo n'etandika okufuuwa, ne ndaba obuseekende nga bwenyeenya. Empewo bwe yatandika okufuuwa, n'engoye Ze nazo n'ezifuuwa. Nga bw'olaba engoye eziwanikiddwa ku waya, bwe zitandika okwe—okwenyeenya. Yali ayimiridde awo. Nnakiraba.

21 Muli ne ndowooza nti, "Ssinga nfuna akakisa ne mmulabako mu maaso Ge!" Yali atunudde buvanjuba, erudda *eno* bw'ati. Nga Atunuudde, nkaliriza. Ne nsembera, nzire erudda, nsobole okwetegereza obulungi amaaso Ge. Naye era nga ssimulaba bulungi. Emikono gye gyali gimusiikirizza mu maaso Ge, nga ssisobola kumwetegereza bulungi okuva we nnali nnyimiridde.

22 Ne nziramu ne nsembera. Ne mba nga agogola emimiro gyange, bwenti, ne ngira bwe, "hum," ndabe oba Aneenyeenya. Naye n'Ataseguka.

23 Ne ndowooza muli nti, "Ndowooza ka mmuyite." Olw'agamba nti, "Yesu," n'Akyusa omutwe Gwe. Era bwe Yantunuulira, Yayimusa buyimusa mikono Gye gyendi. Ekyo kye kyokka kye nzijukira. Okutuusa awo, nga bunaatera okukya, nnasigala ngalamidde wano mu nsiko, kati awali ekifo kino; nga essaati yange gye nsulamu yonna etobye olw'amaziga, ge nnali nkaabye. Nnali nzirise.

Mu maaso Ge yalina endabika omusiizi w'ebifanaanyi yenna gy'a—gy'atayinza kukuba oba kusiiga. Tebasobola kugisiiga. Yalabika nga Omusajja, nga bw'omutunuulira, alabika nga Ayagala okukaaba olw'okusaasira okumujjudde, assaamu ekitiibwa era omwengendereza; naye ate nga alina amaanyi amayitirivu, nti ssinga ayogera, gasobola okuvuunika ensi yonna. Era endabika eyo teyinza na kusiigibwa musiizi wa bifaananyi yenna.

24 Era n'okutuusa leero ekyo ssitegeeranga kye kyali kitegeeza. Naye nzuuno akawungeezi kano, nga wayiseewo emyaka amakumi asatu, nnyimiridde mu kizimbe kino ekinene omukuŋŋaanirwa ekyaweebwaayo ku lw'omulimu gwa Katonda Omuyinza wa byonna. Kale nze, eyali mmemba o—owa bulijjo, ddala, nnali mu—mukadde bukadde ow'oku kitundu mu—mu kkanisa y'Ababaputisiti wano, eyali esumbibwa Roy Davis mu kiseera ekyo. Naye kati nzuuno nze ayimiridde wano nga ekifo kyonna kijjudde abantu, mu kifo kye kimu kyennyini, nga ndi ne. . . nga nnyimiridde mu maaso g'abo be ndowooza okuba, nti be baagulibwa n'Omusaayi gwa Yesu Kristo Ye kennyini, nga mu ngalo zange, nze ow'okubuulira Obubaka bwa Mukama waffe okumala ennaku zino ennya.

25 Waayitawo emyezi nga mukaaga oluvannyuma lw'ekyo, bwe nnali mbatiza omulundi gwange ogwasooka emmanga wano ku mugga, Ekitangaala we kyakkira emmanga ku luguudo lwa Spring Street. Bangi ku mmwe muyinza okwagala okuserengetayo ne mulabawo, ku Spring Street awali amazzi, awo wennyini ku mugguukiriro gw'omugga. Era awo Malayika wa Mukama we yalabikira mu lujjudde, omulundi ogwasookera ddala, ku ssaawa munaana ez'emisana, olw'eggulo olumu. Era Eddoboozi ne likivaamu, nga ligamba nti, "Nga Yokaana Omubatiza bwe yatumibwa okukulembera okujja kwa Kristo okwasooka, Obubaka bwo bujja kukulembera Okujja okw'okubiri."

26 Kati gino emyaka amakumi asatu egyakayitawo, naye era nzuuno nkyaliwo, akawungeezi ka leero, nga nnangirira Obubaka obwo. Era Bubunye ensi yonna, era ndi musanyufu okukomawo mu kibuga gye nzaalwa, akawungeezi ka leero, okukiikirira Mukama waffe Yesu Kristo ono gwe nkyayagala n'omutima gwange gwonna. Buli lukya yeeyongera kuba mulungi okusinga bwe yabadde eggulolimu. Ssikyusangako wadde akatonnyeze akamu bwe kati mu Njigiriza yange. Kye nnatandika nakyo, kye nkyakkiriza na buli kati. Y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Kati, nnina Obubaka bwe nvunaanyizibwako.

27 Obubaka bwe bwali bwakatandika, weewaawo, ekyaliwo, buli omu; yali asabira abalwadde, waaliwo obubonero obw'amaanyi, ebyewuunyo, n'ebyamagero. Era ebyo byatandikawo, okusingira ddala mu Bapentekoote, okudda

obuggya okw'ensi yonna omwali okukuba enkuŋŋaana ez'okuwonyezebwa ezaabuna ensi yonna. Era okumala emyaka kkumi n'etaano mirambirira wabaddewo okudda obuggya, ka ŋŋambe, ku buli kasozi konna, nga omuliro gw'okudda obuggya gwaka. Kyenkana obukadde n'obukadde bakkirizza Kristo nga Omulokozi waabwe, okuyita mu kutumibwa okwo okumu bwe kuti. Era ekyo kyakoleeza omuliro, okuva awo, mu bantu nga Oral Roberts, n'abalala, ne kyeyongerayo ne kyeyongerayo, nga bwe kigenze kibuna buli wamu.

28 Naye oluvannyuma lw'ekyo, ekkanisa y'Ekipentekoote olwa leero egaŋŋalamye awo we yakwamira, era nga bwe yali luli. Ebigendererwa byange n'okuyaayaana kwange, akawungeezi kano, kwe kuzuukusa ekkanisa eyo, nate, olw'Okujja kwa Mukama waffe Yesu okusembedde. Nnina okuginenya. Nnina okunenya ekibi mu nkula yaakyo yonna. Ekyo ssikiragiriza eri kibiina kya ddiini ya muntu yenna. Wabula waliwo Obubaka bwe nnina.

29 Kaakano, kizibu okufuna ekkanisa eyimirira naawe mu buweereza, era nga bwe kyali ne ku Mukama waffe Yesu, kubanga kino ye Ye; si nze. Naye nga bwe Yabuulira mu kusooka, n'awonya abalwadde, n'azuukiza abafu, n'alongoosa abagenge, n'agoba emizimu, buli muntu yamwagala. Naye ekiseera kyatuuka ne wabaawo Obubaka bulijjo obugoberera buli kabonero, kubanga akabonero kaba n'eddoboozi.

30 Naye lumu bwe Yatuula wansi, n'abagamba nti, "Nze ne Kitange tuli Omu," ekyo baali tebayinza kukigumira. Bwe kityo bwe kyali, ne, bwe Yabagamba nti, "Okuggyako nga mulidde omubiri gw'Omwana w'omuntu ne munywa n'Omusaayi Gwe, temulina Bulamu mu mmwe."

31 "Tutya?" Ddala, abasawo n'abantu abalala abategeera obulungi bandigambye nti, "Ono Omusajja kanywamusaayi, agezaako kubaliisa mubiri Gwe na kubanyweesa musaayi Gwe." Teyakinnyonnyola. Yakyogera bwogezi.

32 Kale n'akawungeezi ka leero muyinza okuwulira ebintu, n'okuyita mu nkuŋŋaana zino zonna, ebyogerwa obwogerwa ne bitannyonnyolwa. Tuyinza obutasobola kubinnyonnyola. Naye, mujjukire nti, Yesu Kristo y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Tukikkiriza.

33 Kati, tetulina biseera bya kwogera bingi, kubanga twaweereddwa ebiseera eby'okutandikiramu wano era n'ebiseera eby'okufulumiramu. Kale twagala tusseemu ekitiibwa akakiiko akafuga essomero akaatugeredde ebiseera bino, era tujja kukola kyonna ekisoboka okubagondera.

34 Mujjukire nti, akaseera konna omwonoonyi w'ayagalira okujja eri Kristo, ky'olina okukola kyokka kwe kujja wano mu maaso, oba ndi mu kubuulira, oba tuyimba, kyonna ekiba kigenda mu maaso, oweeyo obulamu bwo eri Kristo mu kaseera

ako kennyini, situka busitusi w'otudde. Ekyo kye kyatuleese wano, kukuyamba.

35 Njagala okwogerako n'Ow'oluganda Vayle, Ow'oluganda Rober-. . . Borders, n'ab'oluganda bano. Bwe kiba. . . Ssimanyi oba basobola okuba ne, mu kkanisa, olw'eggulo, oba lumu ku makya, oba obudde bwonna, ne babeera n'olukuŋŋana olw'okuluŋŋamya abo abanoonya okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu. Ekyo kinaaba kirungi, ab'oluganda? Ow'oluganda Neville nammwe abalala musobola okulubaamu, n'Ow'oluganda Capps. Bwe wabaawo omuntu yenna eyeetaaga okuluŋŋamizibwa ku ngeri y'okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu, lwaki tojja ku kkuŋŋaaniro. . . Budde ki obuyinza okuba obulungi, ku makya oba olw'eggulo?

36 [Waliwo agamba nti, "Ku makya."—Omuk.] Ku makya, ku ssaawa nga nnya? Ku ssaawa nga nnya ez'enkya.

37 Bw'oba olina ekibuuzo ekikwata ku Njigiriza, olina ekibuuzo ku Bubaka, wa—wandyagadde oku. . . tofunangako muweereza aweereza gy'oli, ku mbeera yo ggwe nga omuntu kinnoomu, weetaaga kusabirwa, oba ekintu kyonna kye wandyagadde okumanya ekigwa mu ebyo, lwaki toyitayo ku ssaawa nnya ku makya n'olaba abasajja bano. Wajja kubaayo omu ku bo oba n'okusingawo abanaabaawo okubaluŋŋamya, n'okusabira abalwadde, n'okwanukula ebibuuzo. Nga obasisinkana nga ggwe kinnoomu, kale, a. . . Ojja kugenda bugenzi gye bali, nabo banaaba basanyufu okukuyamba mu buli ngeri yonna gye banaaba basobodde okukuyambamu.

38 Kaakati, nga tetunnayingira mu Kigambo, twagala tutuukirire Nnannyini Kigambo nate. Oyinza okulya ennyo ekisusse; oyinza okunywa ennyo ekisusse; oyinza okuseka ennyo ekisusse; oyinza okutambula ennyo ekisusse; naye tolisaba nnyo kisusse. "Njagala abantu basabe buli wamu, nga bayimusizza emikono emitukuvu awatali kubuusabuusa wadde obusungu."

Ka tusabe.

39 Ayi Yesu omwagala, Nnanyini Kigambo ky'Obulamu, era nga Ggwe Kigambo ekyo, n'obuwombeefu tujja gy'Oli kaakano nga tumaze okunnyonnyola okwolesebwa kuli. Okwo, ayi Katonda, kw'Onjulira nti ddala kutuufu. Mukama waffe Yesu, nkusaba Ofuke amafuta ku bigambo akawungeezi kano ebigenda okuwulirwa buli kutu wansi w'eddoboozi ery'Obwakatonda. Era bwe wabaawo wano abamu, oba abawuliriza eyo, mu bitundu by'eggwanga eby'enjawulo, abatali beetegefu era abatanneetegeka mu kiseera kino kusisinkana okusoomozebwa kw'ekiseera kino, Obubaka obuva eri Katonda, okwenenya n'okweteekerateekera, Obwakabaka bwa Katonda obusembedde. Tusaba kibeere bwe kityo, akawungeezi kano, gye bali, basisinkane okusoomozebwa kw'ekiseera kino.

40 Ayi Katonda, nsaba okuyambibwa, nga bwe mmanyi obuvunaanyizibwa bwe nnina ne kye butegeeza, ne bwe nteekwa okwanukula ku Lunaku olw'Omusango, olw'ebyo bye njogera wano n'awalala wonna. Nnyamba mbeerere ddala mwesimbu, ayi Mukama, mu buli kye nkola oba kye njogera mu Kigambo Kyo, kiryoke kisobole okubala ebibala. Kubanga, nga ekiragiro Kyo bwe kyali nti, "Ekigambo kino tekivanga mu kamwa ko; naye kifumiitirizengako, emisana n'ekiro, osobole okwekuumanga okukola ebyo byonna ebiwandiikiddwa mu mateeka. Bw'otyo amakubo go bwe ganaalabanga omukisa, era bw'otyo bw'onaakulaakulananga. Si Nze nkulagidde? Beera mugumu era ddamu amaanyi, kubanga Mukama Katonda wo ali naawe buli gy'onogenda yonna." Mukama waffe Yesu, leka kibe bwe kityo, akawungeezi kano. Tusabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

41 Ku lw'okutaano n'Olw'omukaaga, okuva ku ssaawa nnya ez'oku makya okutuuka ku ssaawa mukaaga, mu kkuŋŋaaniro wali ku luguudo lwa 8th ne Penn Street, lwe wanaabeerawo okuluŋŋamizibwa, okwanukulwa kw'ebibuuzo ebikwata ku njigiriza, okusabira abalwadde, n'ebirala. Jangu buzzi bw'oba olina ekibuuzo kyonna, oba ekintu kyonna kye weetaaga. Wajja kubaayo abasajja abanaa—abanaabikolako. Mukama abawe omukisa.

42 Kati, olw'olukuŋŋaana luno oluggulawo akawungeezi kano, ssiyinza kubaako kirala kyonna kye nkola okuggyako okuluggulawo butereevu n'Obubaka bwaffe. Ekyo kye kyatuleese wano, era kati kye kyankomezzaawo.

Kati ku Ssande ku makya, nga Mukama ayagadde, njagala okweŋŋanga okusoomooza okukulu okw'ekiseera kino, okukwata ku *Kufumbiriganwa n'Okwawukana*.

43 Kaakati, okuva mu Baggalatiya 4:27, njagala okusomayo Ebigambo bino, 4:27 okutuuka ku 31, nga nalwo olutwaliddemu.

> *Kubanga kyawandiikibwa nti, Sanyuka, omugumba atazaala; baguka okwogerera waggulu, atalumwa: kubanga abaana b'oyo eyalekebwawo bangi okusinga ab'oyo alina omusajja.*
>
> *Naye ffe, ab'oluganda, tuli baana ba kusuubiza, nga Isaaka bwe yali.*
>
> *Naye nga mu biro biri eyazaalibwa olw'omubiri nga bwe yayigganya eyazaalibwa olw'Omwoyo, bwe kityo* bwe kiri ne *kaakano.*
>
> *Naye ebyawandiikibwa byogera bitya? Nti goba* omuzaana *n'omwana we: kubanga omwana* w'omuzaana *talisikira wamu n'omwana w'ow'eddembe.*
>
> *Kale, ab'oluganda, ffe tetuli ba* muzaana, *naye ba wa ddembe.*

44 Mukama ayongere emikisa Gye ku kusoma kw'Ekigambo Kye. Kati, nzikiriza wano ŋŋenda kuggyawo eky'okuyigirizaako nga kino, ekitali kya bulijjo, ekitasangikasangika. Naye Katonda oluusi tumusanga mu ssaawa ezo ezitali za bulijjo, mw'atasuubirwa, mu ngeri ezitasuubirwa, mu bintu ebitali bya bulijjo, kubanga Katonda si wa bulijjo. Era n'abo abamuweereza okuviira ddala mu mitima gyabwe, bamuweereza mu ngeri etali ya bulijjo, eyawukana n'ebintu oba n'enkola z'ensi. Omutwe gw'ekyokuyigako kino gugamba nti: *Ensigo Tesikira Wamu Na Kisusunku.*

45 Wano Pawulo ayogera ku zzadde lya batabani ba Ibulayimu ababiri ab'omubiri. Pawulo, n'essanyu, yeeyoleka mu kifo ky'okuba nga yazaalibwa okuyita mu mukazi ow'eddembe.

46 Kati, tukimanyi nti Ibulayimu yazaala abatabani babiri, okuyita mu bakazi babiri ab'enjawulo. Katonda yamuwa ekisuubizo mu Saala, okuyita mu Saala, manyanga, nti waali waakubaawo Omwana ow'obulenzi azaalibwa, era nga okuyita mu Mwana ono ow'obulenzi ensi yali ya kuweebwa omukisa. Amawanga gonna galiweebwa omukisa olw'Omwana ono ow'obulenzi. Era emirundi egisinga obungi bangi bakkiriza, okusingira ddala mu Bayudaaya, nti oyo yali Isaaka, naye ssi bwe kyali. Omwana wa Ibulayimu ono ow'obulenzi eyasuubizibwa ye Yesu, era Ye Nsigo Ennangira ey'ekisuubizo, eya Ibulayimu. Naye nga Ibulayimu bwe yazaala abatabani ababiri . . .

47 Omu, mu—mu Agali, eyali omuzaana wa mukyala we; omuzaana Omumisiri, omulungi okukamala, eyali alabika obulungi Ibulayimu gwe yali yamufunira e Misiri, amubeerere . . . omuzaana wa mukyala we. Kale Saala, bwe yalowooza nti Katonda tajja kusobola kutuukiriza kisuubizo Kye kyonna, yagamba Ibulayimu atwale Agali, omuzaana we, amuwase, (nga, eky'okuwasa abakazi abasukka mu omu kyali kikkirizibwa mu biro ebyo) azaale omwana; mbu Katonda yali yakitegeka bw'atyo, mbu omwana yali wa kumufuna kuyita mu Agali mwokka. Naye tukiraba nti ekyo si bwe kyali.

48 Kaakati n'ekirala, tukitegeera nti, Katonda atuukirizibwa mu ssatu ssatu. Kati, Katonda "atuukirizibwa" mu *ssatu.* "Ekisa" omuwendo gwakyo guli *ttaano. Omusanvu* gwe muwendo "gw'okumaliriza," nga ensi.

Katonda okutuukirira kw'obulamba bwe kuli mu Kitaffe, Mwana, Mwoyo Omutukuvu. Okwo kwe kutuukirira kw'obulamba bwa Katonda. Byonna ebyo ye Katonda omu, mu kulabisibwa kwa ngeri ssatu, mu nneeyoleka ssatu eza wofiisi emu, manyanga wofiisi ssatu mu bulamba bwa Katonda omu.

49 Kati, era waliwo bisatu ebituukiriza, emitendera gy'ekisa, eri Ekkanisa; okuggyibwako omusango, okutukuzibwa, okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu. Ebyo bye bikola Okuzaalibwa Obuggya, era nga n'okuzaalibwa okw'omubiri

bwe kukyoleka. Nga, omukazi bw'aba azaala omwana, ekisooka okuvaayo gaba mazzi, omusaayi, ne kuddako obulamu.

Bayibuli egamba, mu bbaluwa ya Yokaana Esooka 5:7, manyanga 7:5, ndowooza we kiri, awagamba nti, "Waliwo basatu abategeeza mu Ggulu; Kitaffe, Ekigambo," nga ye yali Omwana, "n'Omwoyo Omutukuvu; abasatu bano bali Omu. Waliwo bisatu ebitegeeza ku nsi;" Ekigambo, "amazzi, omusaayi, n'Omwoyo. Amazzi, omusaayi, n'Omwoyo; bino ebisatu *bikkiriziganya* mu bumu."

50 Kati, Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu, bali Omu. Tosobola kuba na Kitaffe nga tolina Mwana; tosobola kuba na Mwana nga tolina Mwoyo Omutukuvu. Naye osobola okuggyibwako omusango nga totukuzibwanga; osobola okutukuzibwa naye nga tonnajjuzibwa Mwoyo Omutukuvu. Ekyo tukikakasizza ne mu nkola y'obutonde.

51 Kati, bangi ku mmwe, weesanga, temummanyi. Naye ssa—ssaasoma; nkakasa ekyo musangiddwa mukimanyi. Naye nkozesa byakulabirako nga njigiriza, era nga eby'obutonde bwe byoleka eby'omwoyo.

52 Kati, tulaba nga mu kutuukirira mulimu bisatu. Katonda obulamba bwe butuukirizibwa mu ssatu ssatu, kati. Era ekyo, kye kyali mu kutuukirira kw'ezzadde lya Ibulayimu, mwalimu Isimaeri, Isaaka, Yesu. Isimaeri ng'ajja okuyita mu muzaana, Isaaka ng'ajja okuyita mu mukazi ow'eddembe, era nga bombi bajja kuyita mu kwegatta kwa musajja na mukazi; wabula Kristo Yesu ng'ajja okuyita mu mbeerera, awatali kwegatta kwa musajja na mukazi.

53 Wano eno, "Ensigo," emu, Ensigo emu; ssi nsigo nnyingi, naye Nsigo emu. Bano abalala bo tebaali nsigo ya Ibulayimu, kubanga "Ensigo" ya Ibulayimu yali Nsigo ye ey'okukkiriza Katonda gye yali ayogerako, so si nsigo ye ey'omubiri. Kubanga, Saala bwe yamala okufa, Ibulayimu yawasa omukazi omulala n'azaala abaana ab'obulenzi musanvu, nga abawala tobabaze. N'olwekyo tezaali nsigo za Ibulayimu, wabula yali "Nsigo" ya Ibulayimu, emu. Era eyo ye yali Ensigo ya Ibulayimu ey'okukkiriza, nga etusongera ku Nsigo Ennangira eyali ey'okujja okuyita mu kukkiriza kwa Ibulayimu; si bulamu bwa Ibulayimu obw'omubiri, wabula obulamu bwa Ibulayimu obw'omwoyo; oyo eyaddira buli kintu ekyali kikontana n'Ekigambo kya Katonda n'akiyita nga ekitaliiwo, n'akkiriza Katonda; awataali ssuubi, n'akkiririza mu ssuubi. Eyo ye Nsigo yennyini gye twogerako.

54 Wano tulagibwa ekifaananyi. Ha! Ensigo yatandika, ensigo ey'ekisuubizo, yatandikira mu kubuusabuusa okutonotono, mu kubuusabuusa ekisuubizo ekyasooka. Olaba engeri eya wansi gye yatandikamu, mu kubuusabuusa ekisuubizo ekyasooka. Katonda yasuubiza Ibulayimu, nti alizaala omwana ono, okuyita

mu Saala. Naye kati labayo, ensigo ya Ibulayimu embereberye okuyita mu muzaana yajja lwa Saala kubuusabuusa nti kino kyali tekiyinza kubaawo, mbu kubanga yali akaddiye nga asusse n'emyaka egy'okuzaala.

55 Kati bw'etyo n'ekkanisa bw'etandika. Bulijjo bw'etyo bw'etandika. Otandikira wansi. Totandikira waggulu. Omuntu agezaako okulinnya eddaala, ssinga agezaako okuliva waggulu, aba ajja kumenyekera bwereere ensingo. Olina kutandikira wansi n'ozimba nga bw'ogenda waggulu okutuuka ku kiri.

Era wano tukiraba nti entandikwa y'okulabisibwa kw'ekisuubizo kya Katonda, nga yajja kuyita mu kubuusabuusa okutonotono, n'okutaataaganyizibwa kw'entegeka ya Katonda.

56 Ye ngeri y'emu n'ekibi gye kyatandikamu mu lusuku Adeni. N'okufa bwe kutyo bwe kwajja okuyita mu kibi, kyabaawo Ekigambo kya Katonda ekimu bwe kiti bwe kyavvuunulwa obubi oba bwe kyabuusibwabuusibwa. Toteekwa kubuusabuusa wadde okuteeka Ekigambo kya Katonda wadde ekimu mu kifo ekikyamu, ekyo kiri BW'ATYO BW'AYOGERA MUKAMA, kubanga Kiri nti buli Kigambo kibeere bwe kityo.

57 Naye wano Saala, oyo yennyini eyaweebwa ekisuubizo (Saala nga bwe yali omukazi, nga kye kifaananyi ky'ekkanisa), yabuusabuusa entegeka eyasooka ey'Ekigambo kya Katonda ekyasuubizibwa, n'agamba nti, "Ggwe, Ibulayimu, baze, weetwalire omuzaana ono alabika obulungi, obeere naye, obeere omwami gy'ali. Ne Katonda ensigo eno ey'ekisuubizo anaagiyisa mu ye, nange nnaatwala omwana n'abeera wange." Olaba, okubuusa amaaso akatonnyeze kamu kokka, kwakyusa entegeka ya Katonda yonna.

N'olwekyo, tulina okutwala buli Kigambo kya Katonda kyonna nga BWATI BW'AYOGERA MUKAMA. Buli Kigambo kya Katonda kyonna kituufu.

58 Kati wano ensigo etandikira mu kisuubizo, ekyabuusibwabuusibwa. Isaaka nga ye nsigo y'omukazi ow'eddembe era eyaweebwa ekisuubizo, gwe yazaala, nga Pawulo bw'abadde agezaako okunnyonnyola wano mu Baggalatiya, yazaala ensigo ey'omubiri, eyasuubizibwa. Era agenda mu maaso n'agamba wano nti—nti abaana b'omuzaana tebayinza kusikira wamu n'abaana ab'omukazi ow'eddembe, kubanga ba bika bibiri ebyawukana.

59 Era, ekyo kituufu ddala, atakkiriza tasobola kusikira wamu na mukkiriza. Tekisoboka, n'akatono. Awo omutawaana we guli olwa leero. Toyinza kuleetera nkoko ya mu bibiina bya madiini kukkiriza wamu na mpungu. Tosobola kukikola. Awo omutawaana we guva. Olina okukkiriza buli Kigambo kya Katonda. Temu. . .Temugabana busika. Era to—toligyegattako; toteekwa kukikola. Olina kubeera mpungu oba nkoko.

60 Yali tesobola kusikira wamu na Isimaeri, oyo ensigo y'omuzaana, owa . . . eyajja olw'okubuusabuusa. Saala yabuusabuusa Ekigambo kya Katonda, nga abuusabuusa okuba nti Katonda yali asobola okukituukiriza. Mwetegereze Ibulayimu! Mulaba kye nzimba eky'okutandikirako ku Ssande ku makya. Ibulayimu teyakibuusabuusa. Saala ye yakibuusabuusa; ye yakikola. Adamu si ye yabuusabuusa; wabula Kaawa ye yabuusabuusa. Kati, tujja, kuzuula ebisingako awo ebikwata ku ebyo bwe tulibyogerako ku Ssande ku makya okuva awo.

61 Kati n'eky'omwoyo tekiyinza . . . eky'omubiri tekiyinza kusikira wamu na kya mwoyo. Nga abaana ba Isimaeri bwe batayinza kusikira wamu n'aba—n'abaana ba Isaaka, bw'atyo n'ow'omubiri tayinza kusikira wamu na wa mwoyo.

62 Ekkanisa ey'omubiri; n'Ekkanisa ey'omwoyo. Waliwo ekkanisa ey'omubiri abakazi bano gye booleka; ate, ne wabaawo n'Ekkanisa ey'omwoyo. Kale, ekkanisa ey'omubiri n'Ekkanisa ey'omwoyo tezisobola kusikira wamu. Biri ebiseera bibiri, eby'enjawulo; abantu ba bika bibiri eby'enjawulo, ebyawukana; wansi w'endagaano bbiri, ezaawukana.

63 Ye nsonga lwaki Okukwakkulibwa kwa njawulo, era kuliba kwa Zzadde lya Ibulayimu ery'olulyo olulangira lyokka. Tekusobola kuyita mu nsigo ya kkanisa ey'omubiri, ey'obuntu. Liriba lirina kuba Zzadde ery'olulyo olulangira olw'Ekigambo kya Katonda, okuyita mu Ibulayimu, Ezzadde ery'olulyo olulangira. Ye nsonga lwaki Okukwakkulibwa kwe kuteekwa okusooka okubaawo.

Kubanga, mujjukire nti, "Ffe abaliba bakyali abalamu tetuliziyiza, tetuliziyiza bali abeebaka. Kubanga ekkondeere lya Katonda lirivuga, n'abafu abaafiira mu Kristo be balisooka okuzuukira. Olwo naffe abaliba bakyali abalamu tulisitulibwa waggulu okubasisinkana, awamu, tusisinkane Mukama waffe mu bbanga." Mwetegereze, era kyawandiikibwa nti, "N'abafu abalala tebaaba balamu, okumala emyaka lukumi."

64 N'olwekyo, awo, tebalisikira wamu. Tebaliba wamu mu Kukwakkulibwa. Ddala waliwo ekkanisa ey'omubiri, ne wabaawo n'Ekkanisa ey'omwoyo; ekkanisa ey'omubiri, n'Ekkanisa ey'omwoyo. Kati, olaba, wano tewali . . .

65 Teri kusalirwa Musango eri Zzadde lya Ibulayimu ery'olulyo olulangira, ery'omwoyo, eryateekerwateekerwa, kubanga baateekerwateekerwa okufuna Obulamu Obutaggwaawo. Bakkirizza Ssaddaaka ya Katonda gye yawaayo; nga Ssaddaaka eyo, ye yali Kristo, Kigambo.

"Kale nno tebaliiko musango." Omutukuvu Yokaana 5:24, we kiri bw'oba oyagala Ekyawandiikibwa. "Kale nno tebaliiko musango abo abali mu Kristo Yesu," Abaruumi 8:1, "abatatambulira mu mubiri, wabula abatambulira mu Mwoyo,"

mu Baruumi. 5:24, "Oyo *awulira* Ekigambo Kyange," ekigambo ekiriwo awo kiri nti, "ategeera." Omutamiivu yenna, oba omulala yenna, asobola okukiwulira n'atambula gage. "Naye oyo awulira Ekigambo Kyange, ategeera Ekigambo kyange, n'akkiriza Oyo eyantuma, alina Obulamu obutaggwaawo, era talijja mu Musango; naye avudde mu kufa n'ayingira mu Bulamu." Yee, ssebo.

Oyo ekyama kya Katonda kino ekikulu gwe kibikkuliddwa, ategeera, nga Katonda bwe yali mu Kristo nga Yeetabaganya n'ensi, era nga Ye ne Kitaawe bwe baali Omu, n'ategeera n'ebyama ebikulu bwe byabaawo eby'okutuukiriza kwa Katonda bwe yeesitula n'ajja Ye kennyini, n'alabisibwa mu mulembe gw'abantu obuntu, era mu lulyo lw'abantu, n'abeerako n'abantu; okusobola okuleetera Ekigambo Kye okulabisibwa mu kiseera ekyo, mu kuvaayo kw'enjuba ku ludda olw'ebuvanjuba, era n'okukola ekintu kye kimu nga enjuba bw'egwa ku ludda olw'ebugwanjuba, Yeeyoleke mu Kkanisa y'Omugole, nga Ekigambo ekirabisiddwa. Olaba? Nakyo, kijja kulabisibwa. "Oyo ategeera," ekitegeeza, "okumanya, ekyo ekiba kimubikkuliddwa, Oyo Eyantuma, alina Obulamu obutaggwaawo, era talijja mu Musango; naye asomose okuva mu kufa n'ayingira mu Bulamu."

66 Ensigo ey'omubiri yali nneetissi bwetissi ya Nsigo, ey'omwoyo. Nga bw'olaba ekikolo, oluyange, n'ekisusunku bwe biri. Ekyo twakiyigako, mu Bubaka obulala, naye nnandyagadde nziremu nkyogereko, katono, oba nziremu nkikooneko katono okumala eddakiika entonotono.

67 Kati wano waliwo emitendera esatu ensigo mw'eyita, egitulaga ekifaananyi ekituufu, emitendera esatu egy'ensigo ey'obutonde nga esimbiddwa mu ttaka. Nga ensigo bw'esigibwa, esooka n'ereeta omutunsi, ne kubaako obukoola obuva mu mutunsi ogwo; ne kuddako oluyange, nga okwo kwe kubeera empumbu; ne kulyoka kuddako ekisusunku; awo ensigo n'eryoka ekomawo.

68 Weetegereze emitendera gino egy'eky'okulabirako kino wano, n'engeri gye kikwataganira ddala mu kifaananyi eky'okulabirako, kubanga Katonda ye Mutonzi w'obutonde bwonna. N'olwekyo obutonde tebusobola kuva ku nnono kwe butambulira era nga ne Katonda bw'atakyukakyuka, kubanga Ye yabutonda n'Abuteeka mu mbeera gye bulimu ffe tu—tusobole okubutunuulira tubwetegereze.

69 Weetegereze Agali, omutunsi, nga ye yali entandikwa y'okumera n'okuvaayo kw'Ensigo. Kati, talina we yali afaananira Nsigo yadde. Gwali mutunsi, kubanga yali muzaana buzaana, nga mu kisuubizo taliimu n'akamu; nga talina kakwate konna na Kigambo, wabula nga mwetissi bwetissi ow'Ensigo.

70 Laba Saala, oluyange olwalimu empumbu, eggwanga ly'Abayudaaya eryo lyava mu ye. Okuva, mu Saala, yazaala Isaaka; okuyita mu Isaaka, Yakobo n'azaalibwa; Yakobo n'avaamu abakadde; ate mu bakadde, ne muvaamu eggwanga.

71 Okukkiriza kwa Maliyamu, embeerera, kwazaala Ensigo entuufu ey'Ekigambo ey'omwoyo, eyambadde omubiri. Olaba?

Abakazi abo abasatu, abakazi abo abasatu Ensigo eno mwe yayita. Omu ku bo mazima bwali bwenzi bwennyini, wansi w'okuba n'abakazi abasukka mu omu ku musajja omu; ow'okubiri yali mukazi wa ddembe; naye ow'okusatu tewaali kwegatta kwonna, wabula olw'okukkiriza yakkiriza Ekigambo kya Katonda. Agali, Saala, bombi Agali ne Saala, kwali kwegatta; naye ye Maliyamu yali mbeerera, olw'amaanyi ag'Ekigambo kya Katonda ekyasuubizibwa. Ky'ekyo.

72 Ekikolo, Agali (abakyala ababiri), baabuusabuusa ekisuubizo, naye laba ekyava mu ekyo. Agali, mukyala wa Ibulayimu ow'okubiri, eyali omukazi ow'ebbali, naye yazaala omusajja, naye (yali musajja kika ki?) Bayibuli egamba nti yali nga "musajja wa ddalu." Yabeerangawo lwa mutego gwe, nga tewali muntu ayinza kumuwangula. Yali tafugika, takyusika, takyuka. Yali tasobola kufugika. Yali musajja wa ddalu, kubanga engeri gye yajjamu yali ekontana n'Ekigambo kya Katonda.

Era ekintu kyonna ekikontana; omubuulizi yenna, oba mmemba yenna owa bulijjo, oba ekkanisa yonna, ekontana n'Ekigambo kya Katonda; ejja kuzaala omugigi gw'abakazannyirizi ba Hollywood abenzi, ab'eddalu ab'ensi, abatasobola kunyweerera ku Kigambo ekitali kijungulule, kubanga ne mu kisuubizo tebaliimu. Nedda.

73 Saala, omukyala omutuufu ow'ekisuubizo, nga ye yali oluyange, yazaala omusajja omuntumulamu. Era omwo mwe mwava, eggwanga eryasuubizibwa eryaweereza Katonda. [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]

Naye, Maliyamu, awatali kuyita mu kwegatta kwonna, wabula yakkiriza bukkiriza Ekigambo ekyasuubizibwa; nga ate yali mbeerera, nga tamanyanga musajja yenna. Era Malayika wa Mukama yamusisinkana, n'amugamba nti, "Mirembe, eri ggwe Maliyamu, oli wa mukisa mu bakazi bonna, kubanga Katonda ali naawe."

74 N'abuuza nti, "Ebintu bino biribaawo bitya?" Ye n'a . . . Maliyamu bwe yagamba.

75 Malayika n'addamu nti, "Omwoyo Omutukuvu alikusiikiriza."

76 Kyali tekikolebwangako mu mirembe gyonna egyali gibaddewo, naye Maliyamu yakkiriza Katonda. N'agamba nti, "Laba nze ndi muzaana wa Mukama." Yakkiriza Ekigambo.

Anaamufuna atya? Yakimanya nti Agali yafuna omwana okuyita mu kwegomba okw'okwegatta, ne Ibulayimu; nga ne Saala naye omwana yamufuna kuyita mu kwegomba okw'okwegatta, ne Ibulayimu, ne bazaala abaana ab'ekisuubizo; omukazi omuzaana n'omukazi ow'eddembe. Naye ye wano asabiddwa kukkiriza. Ekyo kyali kikwatagana n'okukkiriza okwali mu Ibulayimu, eyakkiriza ebitasoboka nti, "Katonda kasita agamba nti bwe kiri, kiba kituufu."

77 Maliyamu yakkiriza Katonda, teyabuusabuusa. Yagamba bugambi nti, "Laba nze ndi muzaana wa Mukama. Ensi ne bw'enanjogerera ebyenkana wa, leka kibeere gyendi nga Ekigambo Kyo bwe kiri." Awo Ensigo eya nnamaddala n'eryoka ezaalibwa.

78 Saala teyayinza kukikola, kubanga kwali kwegatta. Ky'ekyo. Ne Saala naye teyayinza, kubanga era kwali kwegatta.

N'ekkanisa teyinza kukikola, mu njawukana zaayo ez'okwekutulakutulamu obubiinabiina! Okuzaala abaana, kitwala kukkiriza mu Kigambo kya Katonda okutali kutabulemu okusobola okutuukiriza ekisuubizo. Okwekutulakutulamu obubiinabiina tekulisobola kuzaala Kkanisa ezaaliddwa gwa kubiri. Tekusobola kukikola. Kujja kuzaala kintu kirala ekyefaananyiriza. Kujja kuzaala, kintu ekiri awo ekyefaanaanyiriza nga Yo, ekintu ekigezaako okugifaanaana.

Naye Ekkanisa ya Katonda yennyini eya nnamaddala, eyazaalibwa ogw'okubiri ekkiriza Ekigambo kya Katonda mu mbeera yonna, ka ebeere etya, kubanga tetabikiddwamu kintu kyonna. Ebintu bino bijja lwa kisuubizo kya Katonda.

79 Maliyamu, oyo omutuufu, yagamba, olw'o. . . . . -awatali kwegatta, yagamba nti, "Kibeere gyendi nga Ekigambo Kyo bwe kiri. Laba nze ndi muzaana Wo!"

Era n'azaala. Yazaala ki? Teyazaala musajja wa ddalu; era teyazaala ggwanga. Naye yazaala Kigambo, Katonda Mwene nga alabisiddwa mu mubiri; amiina, Ensigo ya Katonda entuufu yennyini eyatuukiriza buli kisuubizo kyonna Katonda kye yakola mu Bayibuli; Ye w'atali, tewali muntu ayinza kuba mulamu Ye w'atali.

80 Maliyamu ye yali ensigo entuufu, yali asusse olu-. . . ye yali ekisusunku ekyavaamu Empeke. Kati, bali ababiri baali beetissi ba Bulamu, ssinga tuba twogera mu ngeri y'ensigo ey'omubiri. Maliyamu. . . Kati, mujjukira, ŋŋambye nti bali ababiri. . . Kati ate, Maliyamu, muleke kumufuula Katonda, nga abamu kye bagezaako okumufuula. Teyali katonda. Nedda, ssebo. Yali mwetissi bwetissi ow'Ensigo, nga n'abalala bwe baali; naye, nga okukkiriza mu Kigambo bwe kuli, naye ayongera okuggyayo ekifaananyi kyennyini.

81 Kifaananako ne kasooli bw'akulamu, oba eŋŋaano. Wasooka ne wavaayo, ekikolo; oluvannyuma n'evaayo, empumbu; olwo ne walyoka wajja, ekisusunku. Naye bw'olowooza, ekisusunku ekyo, bw'oba teweetegerezza bulungi, kiba kifaananira ddala eŋŋaano yennyini. Naye bwe kisusumbulwa, eŋŋaano yennyini eba munda waakyo. Kiba, kikyali kyetissi bwetissi.

82 Kati, mukiraba, Maliyamu, awatali kuyita mu kwegatta, wabula okuyita mu kukkiriza; yasobola okuzaala ekintu Kyo kyennyini. Maliyamu si ye yali Ensigo eri. Maliyamu yali mwetissi wa Nsigo.

Yesu ye yali Ensigo eyannamaddala, ey'okukkiriza, kubanga Ekigambo kya Katonda kiyita mu kukkiriza kwe Yawa Ibulayimu. Era okukkiriza kwokka kwe kusobola okuleeta ebyo Katonda bye yagamba nti Alibikola; okukkiriza mu Kigambo Kye.

83 Weetegereze engeri Maliyamu gye yali afaananamu Ekintu kyennyini, naye era nga ekisusunku bwe kiba. Ekisusunku kiwambaatira ensigo munda mu kyo ne kigikuuma, era ne kigiriisa okutuusa lw'eba nga esobola okubeerawo ku bwayo yokka, nga ekuze. Bwe gutyo n'omulembe gw'ekkanisa guno ogw'okusatu (ogwa Pentekoote) gukuze, nga guwambaatidde Empeke eno okutuusa ekiseera eky'okususumbula ekisusunku lwe kituuse. Maliyamu, nga nnyina wa Kristo, yali kyuma bwuma ekyalula eggi.

Kristo teyali musaayi gwa Maliyamu; teyali musaayi gwa Muyudaaya; teyali musaayi gwa w'Amawanga. Yali Musaayi gwa Katonda. Katonda ye yatonda Omusaayi guno. Gwali teguyinza kuyita mu kwegatta. Teyali Muyudaaya ate era teyali w'Amawanga.

84 Omwana tabaamu yadde ettondo ly'omusaayi gwa nnyina. Omusaayi guva mu kitaawe. Tukimanyi nti ndaga butonde y'omusaayi eba mu kisajja.

Nga enkoko, esobola okubiika eggi, enkoko esobola okubiika; naye bw'eba teyalinnyirwa mpanga, sseggwanga, eggi eryo teririsobola kwalulwa. Eggi eryo liba ssumba, wadde liba lifaananira ddala nga eggi eddamu lyennyini ery'eyasisinkana empanga. Liba lifaananira ddala liri mu buli kimu, naye lino essumba liba teririimu bulamu.

85 N'abantu abeeyita abagoberezi ba Kristo bwe batyo bwe bali. Bangi ku bo bafaanana nga Abakristaayo, bagezaako n'okweyisa nga Abakristaayo; naye oteekwa okuba nga olina Kristo munda mu ggwe, nga kye Kigambo ekirabisiddwa, oba si ekyo tolikula kufuuka Mukristaayo yennyini akkiriza Bayibuli. Bulijjo ojja kubeera kintu ekiri awo eky'ekibiina ky'eddiini. Tosobola kuba mulamu, kubanga toliimu Bulamu, bwa kukubeezaawo.

Kale eggi terisobola kwalulwa, livundira buvundizi awo mu kisu, enkazi bw'eba teye—teyalinnyirwa mpanga.

86 Nga bammemba b'ekkanisa. Musobola okubabiibiita ne mubayita byonna, ne mubafuula abadiikoni n'ebirala byonna, naye teba . . . ekyo muba mulina kisu ekijjudde amagi amavundu ameereere okuggyako nga basisinkanye Bbaabwe. Ky'ekyo.

87 Ekyetissi, ekisusunku, kye kyagikuza Yo. Bwe kiri. Kati Yo, nga eyo ye, Nsigo nga Yo, erina okuva mu kisusunku, manyanga ekisusunku kirina okweyawula ku Nsigo, okusobola okuteeka Ensigo mu Kubeerawo kw'Omwana, Esobole okwengera. Byonna, nga tubirabira mu kifaananyi.

88 Kati wano mugiraba bw'efaanaana ennyo, ekkanisa ey'omu nnaku ez'oluvannyuma, mulaba bwe yeefaanaanyiriza Ensigo Yennyini. Mulabe engeri ekibiina eky'eddiini kino eky'Abapentekoote ekigolokose mu nnaku zino ez'oluvannyuma, nga bwe tunaakinnyonnyola oluvannyumako, olaba, engeri gye beefaananyiriza ennyo Ensigo yennyini.

Ekisusunku bwe kisusumbuka okuva ku mpeke y'eŋŋaano . . . manyanga omutunsi gw'eŋŋaano, nga empumbu emaze okugwamu mu mutendera ogw'okubiri, omutendera ogw'okusatu ne gutandika nga kye—kye—kye kisusunku. Engeri ekyo gye . . . Bw'otaba muntu eyeekaliriza ennyo, tosobola kukitegeera nti ekyo ekiri omwo si ye mpeke y'eŋŋaano yennyini. Akaweke ako akasooka bwe kavaayo, kaba kafaanana nga empeke, naye ggwe tuula wansi okasusumbule ojja kukizuula nti temuliimu mpeke yonna. Kisusunku kyereere, kyetissi kya mpeke. Kale, ensigo eva mu ekyo. Naye jjukira nti, oluvannyuma lw'ekisusunku ekyo tewali kirala kiddirira.

Jjukira nti, tewali Nsigo ndala yonna yasuubizibwa kujja kuyita mu mukazi, awantu wonna, oluvannyuma lwa Maliyamu. Era teri bibiina bya madiini birala oluvannyuma lw'Abapentekoote. Okuva awo okweyongerayo kuba Kukwakkulibwa na Mugole, Ensigo, Ekigambo nga kirabisibwa nate.

89 Laba, bwe bifaanagana ennyo. Matayo agamba, enjiri y'Omutukuvu Matayo 24:24, wagamba, nti, "Emyoyo egyo gyombi mu nnaku ez'oluvannyuma," omwoyo gw'ekkanisa ogw'abantu bannakkanisa, n'Omwoyo gw'Omugole ogw'abantu ab'omu Mugole, "giriba gifaanagana nnyo okutuusa nti enfaanagana yaagyo yandikyamizza n'Abalonde bennyini ssinga kyali kisoboka." Gifaanagana nnyo ekyenkanidde awo.

90 Laba engeri gye kizze okuyita mu kikolo. Kaakati mulabeeyo, tugenda kubaako wano ne kye tulaga mu kifaananyi.

Luther, mu mulembe gw'ekkanisa, mu kwetikka Ensigo y'Omugole, gwali Mwoyo gwe gumu. Kaali kaweke kamu bwe kati ak'Ensigo, Luther ke yayimirirako, nga ako ke kaali

okuggyibwako omusango olw'okukkiriza. Yali kifaananyi kya Agali kyennyini, omutunsi.

Labayo, Wesley yali kifaananyi kya Saala, Firaderufiya, omulembe gw'okwagala ogwavaamu oluyange. Nga mu mulembe gwa Wesley, mwalimu abaminsani bangi okusinga mu mirembe emirala gyonna gye twali tubadde nagyo, omulembe ogw'ekiminsani ogw'amaanyi ogw'omu biro bya John Wesley.

91 Naye ogw'Abapentekoote gwali kifaananyi kya Maliyamu. Maliyamu, nga gwe mutendera gw'Ensigo ogusembayo, wabula, si ye yali Ensigo. Naye, Obulamu bw'Ensigo bwali mu ye, wabula nga Yo yali tennakula bukuzi. Mpulira nnyingidde mu mwoyo. Yafuna . . . Maliyamu yafuna ensigo, Yali tennakula. Yalimu, naye nga tennakula.

N'omulembe gwaffe guno gwe tulimu ogw'Ekipentekoote bwe guli! Wateekwa okujja e—Ekigambo kya Katonda eky'omunda, ekiteekuusa ku kibiina kya ddini kyonna, nga kiri bweru wa nkola za bibiina ebyo eby'amadiini.

92 Luther yakomekkerereza mu kisusunku n'ekigambo kye ekyasooka nti, "Omutuukirivu anaabanga mulamu lwa kukkiriza." Wesley yalina ebigambo bibiri, "okutukuzibwa," eddaala ery'okubiri ery'omulimu gw'ekisa. Abapentekoote be baalina ekigambo eky'okusatu, "okuzzibwawo kw'ebirabo." Naye Ensigo mu bujjuvu bwayo erina okulabika! Mulaba engeri gye baafuukamu ebibiina by'amadiini nga bazimbira ku kigambo ekimu kiti, n'ekigambo ekirala, n'ekigambo ekirala?

Naye wateekwa okubaawo Ekintu ekitayinza kukolebwamu kibiina kya ddiini; nga munda mu kyo bujjuvu bwa Bulamu bwe bulimu, Buba bulina okuddamu okwezaala nate mu Mugole. Tewayinza kubaawo mirembe gya kkanisa mirala oluvannyuma lwa guno. Tuli ku nkomerero, baganda bange ne bannyinaze. Tuli wano. Tutuuse. Katonda yeebazibwe! Amiina. Kaakano, tulaba ebintu bino nga bituufu ddala.

93 N'era tukiraba, nti, bw'aba nga ye luyange, manyanga . . . Wesley bw'aba nga ye luyange; Abapentekoote kitegeeza kye kisusunku, nga gwe mutendera oguddako ogw'okuvaayo kw'Empeke. Naye, muganda wange, mwannyinaze, ekikolo si ye Mpeke, n'oluyange si ye Mpeke, n'ekisusunku si ye Mpeke; newankubadde nga, gye byeyongera okukula, byeyongera okufaanana Empeke.

94 Ekikolo tekifaanana mpeke. Olwo kiki ekiddako? Oluyange, akatuttwa; nga kafaananamukko empeke okusinga ku—ku mutunsi. Awo ne kuddako ki? Ekisusunku; kye kiwanirira empeke, kye kiriisa empeke.

95 Kakaati mulabeeyo wano ku kisuubizo Katonda kye yakola eri Ibulayimu nti, "Ensigo yo," nga ayogera mu mwoyo. Ekyo buli omu ku ffe akimanyi. Yali ayogera ku Kristo, so si Isaaka; wabula okuyita mu Nsigo ye ey'okukkiriza.

96 Mulabeeyo, eyasooka yazaalibwa muzaana, yali talina w'afaanana kisuubizo n'akatono. Katonda takyusa Kigambo Kye lwa muntu yenna. Katonda yayogera bwe kirina okubaawo, era bwe kityo bwe kirina okubaawo. Naye, Saala, nga ye yali akiikirira ekkanisa, ekifaananyi ekyali kyoleka ekkanisa, ya (ye) yakirabamu awo, n'agamba nti, "Naye, nzikiriza kino kisusseemukko obw'obuntu. Ssiyinza na kukikkiriza ekyo nti kisobola okubaawo, n'olwekyo twala Agali akubeerere mukazi wo." Mulaba, awo, ekikolo ekyo kyali tekirina we kifaanaanira kisuubizo, n'akatono.

Naye Saala bwe yajja, kati, ekyo kyalabika nga kirungi ddala. Awo kifaanamukko ekisuubizo, naye era si kye kyali ekisuubizo kyennyini. Kubanga, Isiraeri, mu Isaaka, baalemwa ne beegaana Ensigo entuufu bwe Yalabika. Aleeruuya! (Tokyamuka; todduka. Tekijja kukukola kabi.) Beegaana Ensigo, ne bamukomerera, ne bamuwanika ku musaalaba!

97 Nga Pawulo bwe yayogera wano nti, "Nti e—ensigo ya—y'omukazi ow'eddembe . . . manyanga ey'omuzaana teyayigganya Ensigo y'omukazi ow'eddembe?"

N'ensigo y'ebibiina by'amadiini bw'etyo bw'eyigganya Empeke entuufu. Kirina kuba bwe kityo bulijjo. Tezirisikira wamu. Tezikolagana. Eky'amazima biri ebisuubizo bibiri ebyawukanira ddala, mu biseera bibiri eby'enjawulo, era bantu ba ngeri bbiri, okutwaliza awamu. Omu ye Mugole, ate omulala ye kkanisa. Tebalina kye bafaanaganya, n'akatono, bombi.

98 Naye era abo si ye Nsigo eyasuubizibwa okujja. Teyali Saala, ate era teyali . . . Era teyali Agali, teyali Saala, wadde—wadde Maliyamu, ku bonna tekuli yali Nsigo.

Maliyamu si ye yali Ensigo. Yali mwetissi wa Nsigo, wabula ye yagikuza, n'agizaala okuva mu lubuto lwe. Nga ekisusunku, bwe kizaala Ensigo yennyini okuva mu lubuto lwakyo, naye nga ekisusunku nga kyo si ye Nsigo. Kyo ki . . . Kisemberedde busemberezi Nsigo. Kiwambaatira Ensigo.

Mu kikolo, obulamu buba bubunye wonna mu kikolo. Ate bwe kituuka ku mpumbu, ne bweyongera okukuŋŋaanira awamu. Naye bwe kituuka ku kisusunku, bubeerera ddala munda omwo nga ensigo, ne kikireetera okwagala okufaananira ddala nga ensigo.

Yesu yatugamba ekiribaawo mu nnaku ez'oluvannyuma nti, "Biriba bifaanagana nnyo n'okukyamya bikyamye n'Abalonde bennyini ssinga kyali kisoboka," naye ate awo Ensigo we yeeyawulirako n'ekivaamu. Awo ekisusunku, Obulamu ne buvaamu mu kisusunku. Kale ekisusunku kyetissi bwetissi, era ky'ekyo ebibiina byaffe eby'amadiini kye bibadde, bibade byetissi bwetissi; Luther, Wesley, n'Abapentekoote. Naye kati kiseera kya Nsigo okuvaayo. Labayo, labayo, oku . . .

99 Si ye yali Ensigo. Teyali Maliyamu. Ekisusunku, oluyange, n'ekikolo, byetissi bya kitundu kya Kigambo, naye si Kigambo kyonna mu bujjuvu! Luther yalina kuggyibwako musango; Wesley yalina kutukuzibwa; Abapentekoote baalina kuzzibwawo kwa birabo. Naye Ekigambo bwe kyajja . . .

Kati, ekyo baali basobola okukikakasa, nti, okuggyibwako omusango kujja kulokola omuntu. Ekyo mukikkiriza? Mazima ddala, kyali kyetissi kya Kigambo, era nga bwe nzikiriza nti ekikolo kibeera kitundu ku ŋŋaano. Ddala, kiba kitundu ku yo, naye kibeera kyetissi bwetissi. Si bwe Bulamu.

Kati okwo ne kuddako okutukuzibwa. Bameka abakkiririza mu kutukuzibwa? Bw'oba okkiriza Bayibuli, olina okuba nga okukkiriza. Mazima ddala. Kati naye era ekyo si kye kyo; kikifaananamukko okusinga kiri; kati ebyo bigambo bibiri ebyeyongeddeko.

Naye okuva awo ate ne wajja Abapentekoote, nga kwe kuzzibwawo kw'ebirabo. Okwogera mu nnimi, bo kye bayita obukakafu obusookerwako obulaga nti ofunye Omwoyo Omutukuvu. Okwogera mu nnimi, gye bali, ekyo kye bayita obukakafu obusookerwako, nga bwavaamu (ki?) kisusunku, naye baakolamu kibiina kya ddiini.

Naye bw'otuuka n'ogamba nti, "Nze ne Kitange tuli Omu," na bino ebirala, awo nga ekisusunku kyesusumbula okuva ku Nsigo. Naye Ekkanisa y'Omugole entuufu yennyini, ejja kubala Kigambo kya Katonda kyennyini ekijjuvu, mu bulamba Bwakyo ne mu maanyi Gaakyo, kubanga y'Omu jjo, leero, n'emirembe gyonna.

Labayo, mu nda ya Maliyamu mwe mwali Ensigo.

100 Naye Ensigo bwe yazaalibwa, Yagamba nti, "Nnajja kukola Kitange eyantuma by'Ayagala. Nze ne Kitange tuli Omu. Bwe ssikola mirimu Gye, temunzikiriza." Eyo ye yali Ensigo. "Ani mu mmwe ayinza okunvunaana obutakkiriza? Ebyo Bayibuli bye yasuubiza nti bye Ndikola, Mbikoze. Ekyo Katonda akikakasizza okuyita mu Nze," bw'atyo bwe Yagamba. "Kati ani ayinza okuŋŋamba?" Olaba?

Naye, e—Ensigo nga ekyali mu Maliyamu, ekisusunku, yali esemberedde okubeera Ekyo, naye si kye yali. Yali ekyali mu lubuto.

101 Mwetegereze, era ne mu mulembe gw'Abapentekoote. Okuyita mu mulembe gwa Luther, okuyita mu gwa Wesley, kibadde kintu kye kimu n'okuyita mu mulembe guno ogw'Abapentekoote.

Kati mulabeeyo. Naye mu kiseera ky'okubikkulwa kw'Obubonero Omusanvu, Okubikkulirwa 10, Ekigambo ekijjuvu kirina okuddamu okuzaalibwa mu kulabisibwa nate, era kikakasibwe Omwoyo wa Katonda, mu maanyi amajjuvu nga

bwe Kyali bwe Yali wano ku nsi; kirabisibwe mu ngeri y'emu, nga kikola ebintu bye bimu bye Kyakola bwe Kyali wano ku nsi. Amiina! Abaebbulaniya 13:8, wagamba nti, "Yesu Kristo y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna."

Mu njiri y'Omutukuvu Lukka 17:30, Yesu yagamba nti, "Mu nnaku ez'oluvannyuma, nga bwe kyali mu biro bya Sodomu, Omwana w'omuntu bw'Aliba Yeebikkula nate, kiriba kye kimu."

102 Ensi eri mu mbeera ya Sodomu. N'ekkanisa, nayo egyegasseeko mu Sodomu, awamu nayo, nga Lutti ne mukazi we.

Naye ŋŋamba nti waliwo awantu mu nsi eno awali Ekkanisa Ennonde, eri mu kuva mu bintu ebyo n'okubyeyawulako, era nga okulabisibwa kwa Katonda kwe kugisikirizza. Tuli mu nnaku za luvannyuma.

103 Ekisusunku kiwaddeyo Amaanyi gaakyo eri Ensigo. Kikaze; wewaawo kibadde kisusunku kirungi, naye kiweerezza ekiseera kyakyo ne kiggwaako. Olaba, kaakati kiseera kya Mugole Kigambo n'Omugole omusajja Kigambo!

104 Ezzadde lya Ibulayimu ery'omubiri, eryava mu Isaaka, ne Yakobo, ne . . . Manyanga, ezzade ery'omubiri, manya, eryava mu Isimaeri, n'ezzadde ery'omubiri eryava mu Isaaka, n'abalala, baalina okugenda mu ttaka, okusobola oku—okuvaamu eno endala, okuvaamu Yesu.

Bwe zityo ne zino endala zonna bwe zirina okuba, ensigo zirina okukala . . . Manya, ebisusunku birina okukala, n'empumbu erina okukala, buli kimu kife, Ensigo esobole okweyoleka nga Yo. Bwe kityo bwe kibadde mu buli mulembe.

105 Ebibiina by'amadiini bibadde byetissi bya kitundu kya Kigambo, kitundu butundu eky'Ekigambo, kubanga kyakwekebwa okuva eri abaddaabuluzi abagezigezi, manya . . . kyasibwako baleme okukiraba, okutuusa omulembe gw'Empungu nga gutuuse. Bayibuli bw'etyo bw'egamba. Yee, ssebo. Kubanga, ekyo kyatusuubizibwa mu Malaki 4. Bwe kiri ddala, kyatusuubizibwa.

"Yakikweka amaaso g'abagezigezi n'abakalabakalaba."

106 Nga bwe twakayita mu Kitabo ky'Okubikkulirwa, twakiraba nti buli, ababaka abo bonna abasatu ab'ebiramu ebyo ebyafuluma; buli kimu kyakwataganira ddala ne Luther, era buli kimu ne kikwataganira ddala butereevu ne bali abalala, nga ebyo y'ente ennume n'ensolo endala ez'enjawulo ez'omu Bayibuli; byafulumayo mu kuggyibwako omusango, mu kutukuzibwa, n'okutuukira ddala mu ky'Abapentekoote. Naye eky'okuna yali mpungu, bwe kiri ddala, era mu mulembe ogwo Katonda mwe yagiyimusiza. N'olwekyo erina kujjira mu mulembe ogwo okusobola okuba entuufu, yee, ssebo, nga ekisuubizo ky'empungu kituukirizibwa ekya—ekya Malaki 4.

107 Yesu teyava mu Maliyamu, wabula yayita buyisi mu Maliyamu, nga Obulamu bwe buyita mu kisusunku.

108 Kati, bangi ku mmwe baganda bange abalungi Abakatuliki abali wano, ne bannyinaze, akawungeezi kano, oba oli awo mulowooza Maliyamu yali "nnyina Katonda," nga bwe mugamba nti kye yali. Yali ayinza atya okuba nnyina Katonda, ate nga Katonda talina ntandikwa wadde enkomerero? Olaba? Kati olwo, ani yali Kitaawe wa Katonda, Maliyamu bw'aba nga ye yali nnyina? Olaba?

Yesu ye yali Omutonzi wa Maliyamu, era Maliyamu si ye yatonda Yesu. Ye yeetonda, Ye kennyini mu lubuto lwa Maliyamu, so teyatondebwa Maliyamu. Ye, Mwene, Ye yeetonda. Teyatondebwa Maliyamu, wabula Ye yatonda Maliyamu. Bwe kiri. Bayibuli etuyigiriza, nti, "Ebintu byonna byakolebwa Ye," olaba, "era ku byakolebwa byonna tewali kitaakolebwa Ye." Kati Yali ayinza atya . . . Yali ayinza atya okuba nga aliko nnyina, nga ate Ye Mwene ye yali Katonda?

109 Kati wano tulaba okubikkulirwa okutuufu okw'ekifaananyi ekituufu. Waliwo abakazi basatu abeetissi b'ensigo ey'omubiri, okutuusa lwe yakula n'evaamu Yesu. Tulaba Isimaeri bwe yali tayinza kuba nsigo eyo, kubanga mu butuufu, yazaalibwa, mu leero kye twandirowoozezza nga, okuzaalibwa wabweru w'obufumbo, kubanga yali mutabani wa muzaana. Oluvannyuma ne wajjawo omulala alinga Ye, alinga Yesu, nga ye yali Isaaka; naye era teyali yo, kubanga eno nayo yazaalibwa kuyita mu kwegatta kwa Saala ne Ibulayimu. Naye oluvannyuma ne wajja Maliyamu, okuyita mu kuzaala kw'embeerera, n'azaala Yesu Kristo. Ky'ekyo ddala. Katonda, Kigambo, ng'afuuse omuntu.

110 Kati mulabeeyo. Waaliwo abakazi basatu. Wano waliwo abakazi basatu abooleka ekifaananyi, ky'amakanisa. Abakazi bulijjo kifaananyi ekyoleka amakanisa. Ekitegeeza nti, emirembe esatu egy'ebibiina by'amadiini, emyetissi, egyo nagyo egirina okufa ne gikala, era nga ekisusunku n'ebirala bwe bikala ne bifa, Ensigo okusobola okwegazaanya. Ensigo tesobola kutereera, manya, tesobola kwengera, okutuusa nga ekisusunku, ekikolo, n'ebikoola, byonna bikaze. Ky'ekyo. Ebinyuunyuntamu buli ttondo lya Bulamu, obubirimu, n'ebumalamu; amiina; ebeera ekyo, kyonna kye bibadde, n'okusingawo.

111 Tesobola kukikola! Kaakati kiseera kya Nsigo, oba tugambe kiseera kya Mugole. Ebisusunku bifudde. Ebisusunku bikaze. Kiseera kya Kigambo embeerera, ekitakwatibwangako. Mbeerera, jjukira, kiseera kya Kigambo embeerera. Ssinga okiteeka mu mikono gy'ekibiina ky'eddiini, amazima gennyini tekijja kusigala nga mbeerera; Kijja kuba kyonna kikwatiddwakwatiddwaako, w'onaakituukirako. Naye Ekkanisa ya Katonda tekwatibwako kibiina kya

ddiini. Aleeruuya! Yo Kigambo kya Katonda ekyazaalibwa embeerera nga kirabisiddwa, Yesu Kristo abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Aleeruuya! Nga, nga kiyitirivu obulungi! Nkyagala. Nkikkiriza. Mmanyi nga Ge Mazima. Terikwatibwako. Amadiini tegalikwatakwata ku Kuzaala okubeererevu okw'Omugole. Nedda, ssebo! Katonda a—amulagira okufuluma ebiringa ebyo. "Temukwatanga ku bintu byabwe ebitali birongoofu, ne mufuuka ensega."

112 Kinzijukiza. Luli bwe nnali nva mu Phoenix, nga nzija e Tucson, nga nva mu lukuŋŋaana, Omwoyo wa Katonda alina kye yandaga; nze ne mukyala wange bwe twali tugenda, nga bwe twogera, nga abaana beebase emabega mu mutto gw'emmotoka, nga obudde bugenda buziba. Yandaga kamunye, era ne nneekaliriza kamunye eyo okumala akaseera nga bwe ngyekkaanya. Kamunye kifaananyi kyennyini ekyoleka ekkanisa ya leero.

113 Kati, kamunye, nga ffenna bwe tumanyi, takyamanyi kye yatondebwa kuba. Ekyo ddala bwe kiri. Lumu yali afaanana empungu, muganda we omukulu; kamunye bwe yali afaanana. Naye kati takyatumbiira mu bbanga nga luli, okweyiggira emmaanu ey'omu bwengula, naye yanafuwa. Takyabuuka kutumbiira mu bbanga nga luli. Kati abuukirabuukira wansi, nga ensega; n'atuula ku kikondo ky'omuti gw'essimu; nga bw'akongojja, nga anoonya obumyu obufudde. Kamunye teyakolebwa kukola ebyo. Nedda, yakolebwa kubeera nga mpungu.

Kati, n'ekkanisa bw'etyo bw'eri. Yakolebwa efaanana mpungu. Erina kutumbiira mu bifo eby'omu Ggulu. Naye, mu kifo ky'ekyo, yanafuwa. Tekyabuuka kutumbiira waggulu awatamanyiddwa, mu bwengula. Nedda, ssebo. Yeesigama ku nkola zaayo ez'akakyo kano, ez'okutambula n'omulembe, ez'obuyigirize, n'enjigiriza z'eby'eddiini, mu kibiina ky'eddiini ekyagunjibwa abantu; nga enoonya bumyu bufudde, obutandise okuvunda, obwalibwako ebirala ne bulekebwa awo. Bwe kiri. Kati egenda ekongojjera wansi ku ttaka, ndowooza olaba, ky'ekyo, oyo ye kamunye. Olaba, omulabira ku ekyo.

Empungu yo tekyukangako n'akatono. Esigala mpungu.

114 Kamunye, takyatumbiira waggulu mu bwengula, nga bwe yakolanga, kusobola kweyiggira mmaanu nsu waggulu eyo, wabula abeererawo ku ebyo by'asanga bifudde. Kamunye talina ku. . . kubeera ku ttaka. Naye ggwe tunuulira kamunye yenna leero. Ggwe serengetako ku luguudo, ojja kulaba waya z'essimu nga zonna zijjuddeko kamunye, nga agezaako okulaba oba waliwo ekintu—ekintu kyonna ekittiddwa, oba ekivunze. Yatuuka n'aba nga ebiwaawatiro bye tebikyasobola kubuuka. Ke. . . Ke kamutanda n'abuuka, agwiirawo, ku ttaka, nga

takyasobola na kusituka kubanga yanafuwa. Takyakozesa, maanyi ge, Katonda ge yamuwa.

115 Ekintu eky'enjawulo kye yali yaweebwa kwali kubuuka n'atumbiira mu bbanga n'alengera wansi nga ali eri waggulu, naye kati abeera wansi ddala nga tasobola yadde okutunula waggulu. Ebirowoozo bye biri ku bumyu bufu, na kubaako ky'ayinza kugwiikiriza ekyagudde mu kkubo; nga akasolo akayitibwa ka sikanka, oba akayitibwa ka oposaamu, oba ekintu kyonna omuntu kye yatomedde ne kifa. Kamunye si mpungu, naye agifaananamu.

Kiringa ekkanisa bwe yeesigama ku buyigirize n'ebiri nga ebyo nga emmere gy'erya, emmere envundu eyayonooneka edda emyaka mingi egyayita, eyajja okuyita mu Luther, Wesley, n'Abapentekoote, naye n'eyonooneka, kati nga ebyo b'erya. Nga etunula emabega eri okunoonyaayo ebiyiiye eby'enzikiriza ezaagunjibwa abantu; mu kifo ky'okubuuka n'etumbiira waggulu eri mu by'omu Ggulu eby'Ekigambo, eyo, "Ebintu byonna gye bisobokera eri abo abakkiriza."

116 Kati yakoppa mize gya nsega. Ebyo ebintu ebifu eby'ensi, byalekerwawo nsega. Eby'obuyigirize n'ebiringa ebyo, byalekerwa nsi, so ssi Kkanisa. Yanafuwa nnyo takyayinza . . . Takyasobola kweŋŋanga mbeera nkalubo. Takyasobola kutumbiira waggulu mu by'omu Ggulu, eyo "Ebintu byonna gye bisobokera eri abo abakkiriza."

Naye kati atuula butuuzi awo, n'agamba nti, "Naye, Dokita *gundi* yagamba nti . . . Nze eddiini yange Ekyo tekikkiriza bw'etyo." O, kamunye ggwe eyawuba, otya okuwaguza okuyingira mu bisuubizo bya Katonda!

Owoza kimu, "Naye, ebiro by'ebyamagero byayita."

117 Wenna wanafuwa. Otya n'okukuba ebiwaawaatiro byo obuuke otumbiire waggulu. Ye onafuye nnyo n'otuuka n'okuba nga tokyasobola wadde okubeera mu lukuŋŋaana lw'okusaba? Otuuse n'okutya okumala waakiri eddakiika kkumi ku wolutaali nga osaba?

118 Akongojja nga nsega, agenda alya mitulumbi egiri ku ttaka! Yee, ssebo. Yanafuwa nnyo, takyasobola kutumbiira waggulu mu bwengula awazibu. Agenda akongojja nga nsega, n'emmere alya ya nsega. Ekyo ky'ali. Ky'ekyo. Okutuusa nti, kati atandise n'okufaanana ensega. Yeeyisa nga nsega. Takyeyisa nga kamunye n'akatono. Afaanana nnyo ensega okusinga kamunye. Kamunye alina kuseeyeeya; so si kutuula ku kikondo kya muti gwa ssimu nga anoonya kamyu kaafudde, na kukka wansi kukongojja mu kkubo nga ensega. Olaba?

119 N'ekkanisa nayo bw'etyo bw'eri ennaku zino. "Nga kiki ekintwala waggulu Eyo mu bbanga okutumbiira, nga wano nsobola okufunawo obumyu?" Naye bufu. Buvundu. Bujjudde envunyu. Lumu, bwali bulungi; era nga n'enjigiriza ya Luther

bwe yali, n'eya Wesley, n'ey'Abapentekoote. Kiki ekikuliisa nga ensega? Waaliwo emmaanu ensu eyatonnyanga buli kiro, okuva mu ggulu, eri abaana ba Isiraeri nga bali mu lugendo lwabwe; eyo yonna eyalekebwangawo okutuusa enkeera yayonoonekanga. Ewaffe mu kyalo twalinanga enjogera egamba nti, "erimu envunyu." Obumanyirivu bwaffe obw'omwoyo leero bulimu envunyu nnyingi nnyo, amadiini gaffe, nga geesigama ku muntu omu bye yayogera, omuntu omu bye yayogera, n'eby'okugamba mbu, "Ekisuubizo kyali kya mulembe mulala."

120 Waliwo omusajja eyajja gyendi gye buvuddeko katono, omubuulizi Omubaputisiti, yajja ewange, n'agamba nti, "Omanyi," n'agamba nti, "Nja—njagala mbeeko ne kye nkugololamu."

Ne mmubuuza nti, "Kiki?"

N'aŋŋamba nti, "Ogezaako okuyigiriza Enjigiriza y'abatume mu mulembe guno." N'agamba nti, "Omulembe gw'abatume gwaggwaako."

121 Ne mmubuuza nti, "Ddi?" Olaba? "Ŋŋenda kukubuulira ddi lwe gwatandika, ggwe ombuulire lwe gwaggwaako." Ne mmubuuza nti, "Okkiriza Ekigambo?"

N'addamu nti, "Nkikkiriza."

122 Ne ŋŋamba nti, "Kale. Kati, ku Lunaku lwa Pentekoote, okkiriza nti awo omulembe gw'abatume we gwatandikira?"

N'addamu nti, "Nkikiriza."

123 Ne mmugamba nti, "Kati nno, omwogezi, Omutume Peetero, bino by'ebigambo bye yayogera."

Ate jjukira, Yesu yagamba nti, "Buli alitoolako yadde Ekigambo kimu bwe kiti okukijja ku Kino, oba alyongerako ekigambo yadde ekimu ku Kyo, omugabo gwe guliggyibwa mu Kitabo ky'Obulamu," oyo nga ye mubuulizi oba omuntu omulala yenna alina erinnya lye mu Kitabo.

Ne ŋŋamba nti, "Peetero yagamba nti, 'Mwenenye, buli omu ku mmwe, mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo olw'okuggyibwako ebibi, era munaafuna ekirabo eky'Omwoyo Omutukuvu. Kubanga ekisuubizo kiri eri mmwe, n'eri abaana bammwe, n'eri abo abali ewala, n'abo bonna Mukama Katonda waffe b'aliyita.' Kati awo gwaggwaako ddi? Lubeerera gubaddenga gugenda mu maaso."

Bibinja bya bi kamunye ebyafuuka ensega, ebigenda bikongojjera ku mitulumbi gy'ebintu ebyafa, omulembe omulala bye gwabittira. Bwe kiri. Tebikyafuna mmaanu nsu kuva mu Ggulu, n'akatono. Tebigyagala. Tebi . . . tebisobola kuba na lukuŋŋaana lwa kusaba. N'okusooka kwa byonna, si mpungu; binnafu, tebirina mbavu; bikongojja bukongojja.

124 Bwe bityo n'ebibiina byaffe eby'amadiini eby'omulembe bwe byesigama ku buyigirize, ne ku njigiriza z'eby'eddiini ezimu ezaagunjibwa abantu, okusobola okujungulula Ebintu bino byonna, ate n'abantu ne babikkiriza. Bigaana okutwala Kigambo ekigamba nti, "Yesu Kristo aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna." Bigaana okutwala Malaki 4. Era bigaana okutwala ebisuubizo ebirala bino byonna ebikwata ku kiseera kino, ebyogera ku mulembe gw'ekkanisa guno bwe guli. Nga nnabbi bwe yagamba nti, "Walibaawo Omusana mu kiseera eky'akawungeezi," Kino tebikitwala. Naye byagala kukongojjera ku ebyo ekibiina ky'Abapentekoote bye kyatta, emyaka kikumi egyayita, nga birya emmaanu eyavundako. Bwe kiri. Tebiriimu kalungi.

125 Mulabeeyo, ekkanisa ya mubiri nnyo, erya ku mitulumbi emivundu egy'ensi, ebintu ebifu eby'ensi, nga ensega bw'ekola. Eby'obufuzi by'omu kkanisa, tebaleka Mwoyo Mutukuvu kutuma muntu kuweereza mu kkanisa; wabula balina okubaako eby'obufuzi bye bakola okulaba oba eddiini yaabwe enakkiriza omuntu ono oba nedda. Bwe kiri. Bali nga nsi. Bambala nga nsi. Bafaanana nga nsi. Beeyisa nga nsi. Bonna nsega busega, nga ensi bw'eri. Bagayaavu, banafu, bekkiriranya. Kye kyokka kye bali.

Wali olabye empungu nga yekkiriranya? Nedda, ssebo. Mu yo temuli kwekkiriranya. N'Omukristayo owa nnamaddala teyekkiriranya. Si munafu. Ajja kuyigga okutuusa lw'anaakifuna Ekyo. Amiina. Yee, ssebo. Ajja kwenoonyeza Emmere ye. Ayagala Mmaanu nsu. Ajja kukka wansi awo asime okutuusa lw'anaakifuna Ekyo. Ajja kubuuka atumbiire waggulu ddala. Bw'atabaako ky'alaba mu kiwonvu kino, ajja kweyongera okutumbiirako waggulu. Gy'okoma okutumbiira waggulu, n'okulengera obulungi. N'olwekyo ky'ekiseera empungu z'omulembe guno okubuuka zitumbiire waggulu ddala, zisime ziyingire buziba mu bisuubizo bya Katonda, so si kulya mmere ya nsega eyattibwa emyaka egyayita; eyo giveeko.

126 Byabufuzi, ne balonda ono ne baggyawo oli mu bukulembeze, ne boogera *kino, kiri*, oba *ekirala*, nga Omwoyo Omutukuvu takyalina ddembe n'akatono kukola mu kkanisa. Nga tewakyali nkuŋŋaana za kusaba, tewakyali kuwanjagira Katonda kutuukiriza Kigambo Kye! Tewakyali kukkiriza nti Ekigambo kikyali kye kimu jjo, leero n'emirembe gyonna! Bonna baafuuka nsega, baakola ekibiina ky'eddiini, ne beewandiisa nga bammemba mu kitabo ky'ekkanisa; ne bafuuka bagayaavu ne banafuwa, ne bakkalira ne badda ku mitulumbi emivundu ne basagambiza. Naye, nga, waakiri yandibadde kamunye afaananamukko empungu, nnabbi eyaleeta Ekigambo eky'amazima n'akyoleka.

127 Ebeerawo ku biyiiye by'abantu ebivundu eby'eddiini ebitandise n'okuvunda. Ebijja wa? Mu kapapula k'ensengeka

y'amasomo g'olwa Ssande k'egoberera, omusomesa omu ke yagittira edda eyo mu ttendekero ly'ebyeddiini erimu, n'agigamba mbu, "Ebiro by'ebyamagero byaggwaako. Eby'okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu tebiriiyo. Byonna Bino tebiriimu nsa." Mwagala kuŋŋamba nti empungu esobola okulya ebiringa ebyo? Tesobola kukikola. Nedda, ssebo.

128 N'Omukristaayo tasobola kulya ku mitulumbi mivundu giva mu njigiriza za bibiina bya madiini na bya ngeri eyo. Ye ayagala Kigambo kya Katonda, ekisu, ekisuubizo ky'ekiseera kino. Katonda obumyu yabusuubiza mu biro bya Luther. Ne mu mirembe emirala Yasuubiza bintu birala. Naye kati mu nnaku zino Yatusuubiza Ekijjulo ekijjuvu, Ekijjulo ky'emmere eky'emitendera omusanvu, kubanga Obubonero Omusanvu bwonna bubikkuddwa, era buli kintu kyetegekedde Ekigambo kya Katonda, eri abo abasobola okukisembeza! . . .?. . .

129 Kamunye ezikongojja nga ensega. Ha, bannange! Ggwe, kirowoozeeko, olabe lwaki—lwaki kaseera kazibu nnyo ddala. Nga kamunye bwe yeerabira edda ky'ali nga kamunye, n'ekkanisa bw'etyo yeerabira dda ky'eri nga (ekinyonyi) muganda w'empungu ekiriko ku ddaala erya wansi, bannabbi ba Katonda.

Lumu yaliko enneetissi y'ekigambo eky'amazima, okuggyibwako omusango; okuva awo n'efuuka enneetissi y'okutukuzibwa; oluvannyuma, n'efuuka enneetissi y'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, okuzzibwawo kw'ebirabo. Naye ate, bwe Yeeyongera mu maaso: ate yo n'edda buzzi mabega, okugezaako okubaako ne ky'erya, emmaanu ey'ekiseera ekirala, eyavunda, etakyagasa.

Empungu yennyini entuufu ey'ekiseera kino ekimanyi nti ebyo byali birungi. Naye ebyo tubirina, ate n'ebisingawo, okutuusa nga Yesu Kristo alabisiddwa mu bujjuvu bw'amaanyi Ge, nga bwe Yasuubiza nti bwe kiriba mu nnaku zino ez'oluvannyuma.

130 Kati eri awo kisusunku ekikalu. Yayitamu; Omwoyo wa Katonda yagiyitamu, ge mazima. Era tejja, tejja kusikira wamu na Nsigo ya Kigambo ekakasiddwa. Amazima terisika. Tejja kuba mu Kukwakkulibwa. Ejja kubeera bubeezi mmemba mu kkanisa kye kyokka, oba oli awo erirabikako mu kuzuukira okw'okubiri, esalirwe omusango okusinziira ku bye yawulira.

Bw'oba oli wano akawungeezi kano, nga oli bubeezi mmemba wa kkanisa, olowooza okulamulwa kwo kuliba kutya, ffenna bwe tuliyimirira ne tujulira nti Amazima wagawulira? Olaba?

Tekyabuuka kutumbiira waggulu mu bwengula, eyo ewatamanyiddwa, mu bisukkulumye obw'obuntu, eyo Amaanyi n'obugulumivu, n'ebisuubizo by'Ekigambo kya Katonda Ekitaggwaawo gye bisobokera nti, "ebintu byonna eri abo

abakkiriza." Egamba, Ebyo tesobola kubikkiriza. Yeddirayo buzzi n'egalamira ku waya y'essimu, n'egamba nti, "Eddiini yange egamba nti obumyu tebuliimu kabi." Ne bwe bubaamu envunyu, naye, era egamba, "Tebulina kabi," olaba. Ebyo b'erya.

131 Obupentekoote nabwo bulinga ekibiina ky'eddiini kisega kinnaabwo, bonna batudde wamu mu lutuula olunene "olw'okuteesa kw'abatatya Katonda," mazima ddala, bawuliriza abakulembeze baayo bannabyabufuzi, abeeyisa nga ensi nga bagiriisa emmere y'ensega ey'obumyu obufu, ey'ebintu ebyayita edda, emyaka ataano egiyise. Eyo y'embeera ekkanisa y'Ekipentekoote gy'erimu. Ha, bannange!

132 Nga Saala bwe yagezaako okutuukiriza ekisuubizo ekisukkulumye obw'obuntu nga—nga akozesa Agali gwe yeerondera nga ye, n'ekkanisa bw'etyo bw'ekoze, nga egezaako okuleeta okudda obuggya. Ababuulizi baffe ab'enjiri ab'amaanyi wonna mu mawanga leero bawoza kimu, "Waliwo okudda obuggya mu biro byaffe! Waliwo okudda obuggya mu biro byaffe! Mmwe mwenna Abamesodisiti, Ababaputisiti, Abapentekoote, mwenna mwegatte wamu." Muyinza mutya okuba n'okudda obuggya okw'Emmaanu ensu nga kusibuka ku mmere y'ensega, envundu, eyagaga? Nga mukufuna mutya, mbu okudda obuggya mu biseera byaffe?

Okudda obuggya kuliba kumpi ddala tebalimanya na kumanya nti kwaliwo n'okubaawo.

133 Abapentekoote bagamba mbu, "Ha, waliwo ekintu eky'amaanyi ekigenda okubaawo."

Weekiri kigenda mu maaso, naye tebakimanyi. Olaba, ky'ekyo. Olaba? Yee, ssebo. "Kubanga awabeera Ennyama ensu, awo empungu we zikuŋŋaanira," mu bukakafu bwakyo ddala. Olaba? Bwe kityo bwe Kigamba. Ennyama ensu kye kiki? Kye Kigambo. Ye Kigambo, ye Nnyama ensu, Kristo! "Kristo mu ggwe," nga y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Nga kya mazima ddala Ekyo!

134 Saala, nga agezaako okutuukiriza ebisuubizo byonna, olaba, mu ngeri ey'ekitalo. . . nga n'ekkanisa leero bwe bagamba mbu, "waliwo okudda obuggya okw'amaanyi mu biro byaffe," (okuyita mu ki?) mu kisuubizo ekyakyamizibwa. Munaakikola mutya, nga ate Katonda tawangako mukisa kibiina kyagunjibwawo bantu?

Takozesangako kibiina kyagunjibwawo bantu. Obubaka bwe bwajjanga, ne bagunjaawo ekibiina, kyafiiranga awo wennyini. Nsoomooza munnabyafaayo yenna ayinza okundaga ddi lwe kyaddamu okusituka. Kyafiiranga awo wennyini era ne kisigala awo wennyini. Katonda ekyetissi ekyo yakivangamu buvi, n'ayingira mu kirala; n'ava mu Baluzalaani, n'ayingira mu Bamesodisiti; n'ava mu Bamesodisiti n'ayingira mu Bapentekoote; kati Yava mu Bapentekoote, n'ayingira mu Nsigo.

135 Kubanga, erina kuba Nsigo. Obutonde tebusobola kugwa butaka. Tewali, tewali kirala kisigaddeyo okuggyako Ensigo, n'olwekyo Ensigo ejja kwezaala. Aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna; Empagi y'Omuliro y'emu, nga eraga obubonero bwe bumu, Amaanyi ge gamu, Katonda y'omu, ebyamagero bye bimu, ekintu kye kimu, nga bikakasiza ddala, Ekigambo ne Bayibuli. Ye omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Akulembera, akawungeezi kano. Katonda atuyambe tukirabe era tukikkirize! Ddala!

136 Mulaba, Saala, ekkanisa, bwe yeerondera Agali. Tekyakola. Kyakola? Nedda. N'ekibinja ky'ekkanisa kye yeerondedde leero, nakyo tekijja kukola. Abalina ddiguli z'obwa Dokita, ne zi Ph.D., ne zi L.L.D., si bye bikikola. Abeetissi bonna baalemwa.

Luther yalemwa, nga Agali bwe yalemwa. Agali kiki kye yakola? Agali yawaayo omwana we ow'obulenzi mu kifuba ky'omukazi omulala (si bwe kyali?), amumukulize. Agali ky'ekyo kye yakola; yawaayo omwana we, omwana we ow'obulenzi omu yekka, mu kifuba ky'omukazi omulala (ataali nnyina), amukuze. Ky'ekintu kye kimu ne Luther kye yakola bwe yaddira omwana we ow'obulenzi, obutabalirwako musango, n'amukwasa ekibiina ky'eddiini kizannyise, ky'ekyo kyennyini, kye kiba kimukuza.

137 Wesley naye yalemwa mu ngeri y'emu nga Saala, ng'abuusabuusa Okuzaalibwa okusukkulumye obw'obuntu nti ssi kwe kubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu, nga Saala bwe yakola eri ku muvule. Ab'omu mulembe gwa Wesley bwe baayanjulirwa amaanyi agasukkulumye ag'obuntu, omulembe gwa Pentekoote bwe gwajja aba Wesley ne banjulirwa eby'okwogera mu nnimi na Bino ebirala, baabisekerera busekerezi ne babijerega. Nammwe, mwenna ab'enzikiriza y'Ekkanisa ya Kristo, nga bwe mweyita, nammwe Ababaputisiti, n'Abapulesibiteriyani, buli omu ku mmwe, Ekyo, mwakiziimuula, ne mukisambajja. Ddala. Kiki kye wakola, Wesley? Watunda omwana wo n'omuwaayo eri ekibiina ekyagunjibwawo abantu, era n'afa n'azikirira. Ekyo ddala bwe kiri.

138 Naye, Ekigambo, Ekigambo eky'amazima kyo kyeyongerayo mu maaso. Tekyasigala mu kibiina ekyo ekyagunjibwa abantu. Kyeyongerayo ne kiyingira mu pentekoote, era ne kibaako n'ebirala bye kyagenda nabyo. Yali Mwana eyali yeeyongedde okukula, okufaananako n'Ensigo eyagwa mu lubuto; era, nga wayiseewo akaseera, Yatandikira ku kumera nkizi, n'afuna amawuggwe, n'afuna n'omutwe n'obugere.

Era, nga wayiseewo akaseera, Yatuuka n'Azaalibwa. Ky'ekyo. Kale, n'Ekkanisa nayo bw'etyo bw'ezze ekula, mu ngeri y'emu.

139 Wesley omulembe gwe gwabuusabuusa mu ngeri y'emu yennyini nga Saala bwe yakola ku muti. Yagamba . . . Malayika

wa Mukama, Omusajja, nga ayambadde nga. . . Manyanga, Malayika, yali Katonda, Ye, Mwene. Elohimu, nga ayambadde nga omuntu, bwe yayimirira awo n'enfuufu ku ngoye Ze, n'agamba nti Abawadde ekisuubizo; Saala bwe yalina emyaka kyenda, nga Ibulayimu alina kikumi.

Saala n'asekera mu kimugunyu, n'agamba nti, "Kino kisoboka kitya, nga Ibulayimu nange tumaze ebbanga, nga, tetusisinkana nga abavubuka bwe babeera, mu nkolagana ey'abafumbo, ndowooza okumala emyaka amakumi abiri." Saala kyenkana yali anaatera okuweza emyaka kikumi. N'agamba nti, "Nze, nfune essanyu ne mukama wange, nga nkaddiye, naye, akaddiye? Nga ensulo ye ey'obulamu yafa, n'enda yange yakala dda. Sikyalina mabeere; emisuwa egitambuza amata gyonna gyakala. Ddala nnyinza ntya okumuzaala?"

140 Katonda n'agamba nti, "Nkisuubizza. Mu buli ngeri, ajja!"

141 Ne Wesley bwe yakola. "Tuyinza tutya okubikkiriza ebyo eby'okwogera mu nnimi, n'eby'okuwonyezebwa kw'Obwakatonda, n'ebiringa ebyo. Ebyo si byaffe mu mulembe guno."

142 Katonda n'agamba nti, "Nnasuubiza nti, 'Mu nnaku ez'oluvannyuma Ndifuka Omwoyo Wange ku bonna abalina omubiri.'" Yasuubiza okukikola, era Yagenda mu maaso n'akikolera, ddala. Era ekkanisa ya Wesley, ne baganda baayo bonna empumbu, Ababaputisiti, Abapulesibiteriyani, n'ab'enzikiriza y'Ekkanisa ya Kristo, n'Abanazaleeni, n'aba Pilgrim Holiness, n'aba United Brethren, n'abalala, bonna baafiira wamu nayo. Ekkanisa yo ne yeeyongera mu maaso.

Kati ate Abapentekoote baakola ki? Beekolamu ekibiina ekigunje, okufaananako n'ekisusunku. Nabo baakola ekintu kye kimu. Beekolamu ekibiina ekigunje ne bajja wamu, ne beetongoza nga ekisusunku. Ky'ekyo.

143 Abapentekoote baakola nga Maliyamu bwe yakola. [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]. . . ku mbaga ya pentekoote, laba Maliyamu kye yakola. Nsobi ki Maliyamu gye yakola? Lumu, ku mbaga ya pentekoote, yeesanga mu maaso g'ab'ebitiibwa, ne bakabona. Ku olwo, Mutabani we, lwe Yamubulako n'anoonya buli wamu. N'addayo emabega, olugendo lwa nnaku ssatu.

Yali amulese mabega. Nga n'ekkanisa y'omulembe guno, kyenkana emirundi nga esatu nga ogikubisizzaamu etaano, manya abiri mu etaano, ekkanisa gye yaakamala kasookedde emuvaako, emyaka nga amakumi ataano, oba nsanvu mu etaano.

144 Baamuleka ku mbaga ya pentekoote. Maliyamu n'addayo ne Yusufu, ennaku ssatu, nga bamunoonya. Yali amunoonyezza; naye nga tamulaba.

N'amala n'amuzuula. Naye kiki kye yasanga? Yamusanga mu yeekaalu, nga ayogera ku Kigambo kya Katonda ne bakabona. Era awo wennyini mu maaso ga bakabona abo, ab'ebitiibwa abo, Maliyamu n'alyoka akawaŋŋamula. Yakolera ddala ky'atandikoze.

Oyo gwe muyita, "Katonda; nnyina Katonda"? Maama asaanidde okuba n'amagezi agasinga ku g'omwana we.

Naye yagamba, "Nze ne kitaawo tukunoonyezza nga tukaaba, emisana n'ekiro." Huh! "Kitaawo nange," nga agezaako okugamba nti okuzaalibwa okwo tekwali kwa kyewuunyo, nti Yusufu ye yali kitaawe wa Yesu. Yeegaana okuzaalibwa okwo okw'ekyewuunyo.

Abapentekoote baatwala okwogera mu nnimi. Kyokka ate ne bagaana Okuzaalibwa kw'Ekigambo. Ky'ekyo kyennyini kye baakola. Bajja kubaako ebimu ku Kyo bye bakkiriza, naye ebisigadde ku Kyo bagaane okubikkiriza. Baagaana Okuzaalibwa kw'Ekigambo, era nga Maliyamu bwe yakola. Naye, mulabeeyo, tewajja kubaawo bibiina birala bigunje biva mu Kino.

145 Mwetegereze Kigambo Yennyini, nga, akyali na wa myaka kkumi n'ebiri gyokka, nga akyali muto munda mu kisusunku, Yagamba nti, "Tomanyi nga Nteekwa kubeera ku mulimu gwa Kitange?" Kigambo yagololerawo ekkanisa, awo wennyini.

146 "Bino byonna okola byaki? Okimanyi *kino* tokkirizibwa kukikola. Enzigi zaffe tujja kuziggala; tetujja kukukkiriza kuyingira."

147 "Mmwe abatamanyi nti nteekwa kuba ku mulimu gwa Kitange?" Olaba? Ddala, ddala, ekya nnamaddala ekisukkulumye obw'obuntu!

148 Olw'okubuguumirira, yeesanga amuyise mutabani wa Yusufu, omuntu obuntu. Oba, Abapentekoote kye baakola, bwe baamuyita "omu ku basatu." Whyu! Ekyo mmanyi kibalumye, "omu ku basatu." Naye Ye yali zonna essatu, mu Omu. Teyali omu ku basatu. Naye bo Abapentekoote baagamba nti, "Ha, weewaawo, Ye Mwana wa Kitaffe, n'ow'Omwoyo Omutukuvu, olwo . . . " Ha, bannange!

Naye, Ekigambo ekituufu ekya nnamaddala, kyogera lwatu nti, "Tebali basatu. Ali omu." [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] Amiina. Temumanyi Kigambo kya Katonda? Muleme kubafuula basatu; wabula ali Omu.

149 Mulabeeyo, tewajja kubaawo kyetissi kirala kyonna, na madiini gazaala luseregende lwa makanisa, na bibiina by'amadiini, oluvannyuma lw'ekisusunku kino ekiwanirira.

150 Kubanga, oluvannyuma lw'ekisusunku, waba tewakyali, tewakyali kirala kisigaddeyo okuggyako Empeke. Si bwe kiri? Erina kuba Mpeke. Erina kuba y'emu yennyini nga eri

eyasigibwa mu ttaka, Yesu Kristo y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna, Omwoyo nga akka ku Mugole asobole okukola ebintu bye bimu bye yakola Ye. Olaba? Kwe kwezaala kw'Empeke nate.

151 Ekigambo, wadde kyali kikyali kito, naye Kyeyogerera nti, "Nga temumanyi nti Nteekwa kubeera ku mulimu gwa Kitange?" Huh!

152 Kati awo we wali ekyama ky'Obubaka, awo wennyini, "omulimu gwa Kitange." Omulimu gwa Kitaffe gwe guliwa?

Musobola okulowooza omulimu gwa Kitaawe kye gwali, mu Ye? Kwali kutuukiriza ebyo Isaaya bye yayogera nti, "Embeerera eriba olubuto." Kutuukiriza ebyo Isaaya, bye yayogera nate nti, "Oyo awenyera alibuuka nga ennangaazi," n'ebintu ebirala bino byonna biribaawo. Nga Musa bwe yagamba nti, "Mukama Katonda wammwe alibayimusiza Nnabbi, mu mmwe, ali nga nze." Gwali mulimu gwa Kitaffe, okutuukiriza Ekigambo ekyo.

Kale, kati oba ebyo byasobola okubaawo okuyita mu bikolo ebyo, mu bakazi abo ab'omubiri; olwo ate ebikolo bino eby'omwoyo, abakazi amakanisa? Amakanisa kitegeeza bakazi, *abakazi* kitegeeza "makanisa," manyanga. Si bwe kiri?

Kale kiki kaakati? "Tuteekwa kubeera ku mulimu gwa Kitaffe," Eŋŋaano bwe yandyanukudde, Empeke. Yee, ssebo. Eteekwa kukola ki? Eteekwa kukakasa Malaki 4, kukakasa Lukka 17:30, kukakasa Abaebbulaniya 13:8, kukakasa Omutukuvu Yokaana 14:12, kukakasa Kigambo Kye kyonna. Kukakasa Abaebbulaniya, manyanga. . . Okubikkulirwa, essuula ey'e 10, ey'okubembulwa kw'Obubonero Omusanvu, n'ebyama bya Katonda; nga mw'otwalidde n'ezzadde ly'omusota, n'ebirala byonna, birabisibwe; okufumbiriganwa n'okwawukana wamu n'ebyama bino byonna ebirala ebyakwekebwa wansi w'empagi okumala emyaka gino gyonna, okuva eri abaasomerera eby'eddiini n'abalala, naye kati kye kiseera. Ogwo gwe mulimu gwa Kitaffe.

Olowooza Ekyo bayinza okukisembeza? Baagala kwegulumiza bwegulumiza, na kuwoza mbu, "Ffe Ebyo eddiini yaffe tebituyigiriza." Naye Bayibuli yo ebiyigiriza. Ky'ekyo.

153 Katonda abikakasa nti bituufu. Ddala, Bye bituukiriza omulembe guno, Obubonero Omusanvu bwe. . . Oba, n'okukakasa ebibiina by'amadiini nti bibadde byetissi bwetissi kyokka, ogwo nagwo gumu ku mirimu gya Kitaffe, okukakasa. Era kati omulimu gwa Kitaffe kwe kulaga nti ebibiina by'amadiini ebyo si Bibye. Nkola ezaagunjibwaawo abantu ezigaana Ekigambo. Bwe kiri. Mulabeeyo.

Kati muyinza okugamba nti, "Naye, Maliyamu, embee-. . . embeerera ey'ekitalo!"

154 Bwe Yali ku musaalaba, teyamuyitako, "maama." Yamuyita, "mukazi," mwetissi, so ssi maama. Mukiraba? Kituufu, yali

mwetissi wa Kigambo, naye ssi ye yali Kigambo. Yesu ye yali Kigambo. Ha, weewaawo.

155 Mwetegereze, nate, ne mu kuzuukira teyeeyoleka Naye. Ye yafa n'azuukira, kubanga Ye yali Kigambo. Maliyamu ye yali mwetissi bwetissi. Era yafa, ne gye buli kati akyali mu ntaana. Ky'ekyo. N'olwekyo, ye yali mwetissi bwetissi, so ssi maama We, era ssi Katonda. Yali mwetissi bwetissi nga amakanisa bwe gali. Bwe kiri. Kiraga nti yali mwetissi bwetissi, si ye yali Kigambo.

156 Leka tuwunzike nga twogera kino. O, Bapentekoote mmwe bakamunye, mugenda mukongojja nga ensega, nga mulya ku bintu by'ensi nga bali bonna bwe bakola, "nga mulina ekifaananyi eky'okutya Katonda, ekimala okukyamya Abalonde bennyini ssinga kyali kisoboka, naye nga mwegaana Amaanyi gaakwo," nga nnabbi bw'agamba wano. Eky'okulabirako kyennyini eky'ekyo Ekigambo kya Katonda kye kyagamba ekiribaawo mu nnaku ez'oluvannyuma, omulembe gw'ekkanisa ya Lawodikiya, "oguli obwereere, ogwaziba amaaso, ogujjudde ennaku, omwavu, ogusaasirwa, naye nga tegukimanyi; ogweyita omunene era omugagga, 'ogutajula.'" Naye nga tekimanyi nti yakyuka okuva mu kubeera kamunye, muganda wa nnabbi bwe bafaanagana, okukuuma Ekigambo kya Katonda nga bwe kiri; n'efuuka ensega, nga kati abantu baayo ebaliisa bumyu obufu obw'enjigiriza z'ekinaddiini. Ky'ekyo kyennyini. Muzuukuke! Bannange! Whyu! Musuubira mutya okulabisibwa, oba okusikira awamu n'empungu, nga mulina ebintu eby'engeri eyo mu kaseera nga kano akakulu bwe kati nga Okukwakkulibwa kusembedde?

157 O, ggwe Omukristaayo, o, ggwe omukkiriza, bw'oba obadde mukkiriza wa kitundu, genda mu maaso ng'ojja mu nkuŋŋaana (onookikola?), waliwo kye tulina wano kye nzikiriza Mukama ky'ayagala otegeere.

Obudde buyise; ssikyasobola kweyongerayo. Nnina okumaliriza, oba oli awo nnaamaliriza enkya akawungeezi. Naye, mulabeeyo, leka tukoteke emitwe gyaffe okumala akaseera.

158 Ssaagala ofeeyo nnyo ku njogera ya lulimi gye nkozesa, naye njagala osseeyo omwoyo ku bye njogedde mu ddakiika nga emu. Nkakasa, bitegeerekeka bulungi osobola okubitegeera, bw'oba oyagala okubitegeera. Bw'oba nga oli wano akawungeezi kano, naye nga tolina bumanyirivu buno . . .

Ssigamba . . . Oyinza okuŋŋamba nti, "Nnali nziniddeko mu Mwoyo, ne mbuukabuuka." Kituufu, ne kamunye zikola ekintu kye kimu, nnamuŋŋoona n'ensega kye zikola. Ekyo si kye ŋŋamba.

Naye kiki ky'olyako? Emmere yo gy'olya bulijjo ogijja wa? Olya ku ki, ku Kigambo kya Katonda oba ku mitulumbi egyafa edda egyakozesebwa luli edda, emyaka n'emyaka egyayita?

Obumanyirivu bwo, ekiro kino, buli mu bintu bye walonderera emyaka mingi egyayita; oba busu ekiro kino, nga Mmaanu eyaakagwa okuva mu Ggulu, era nga emmeeme yo kw'ogiriisa, nga bw'olinda ekirungi ekisingawo olunaku lw'enkya? Bw'oba toli bw'otyo, mu kaseera kano nga mukotese emitwe gyammwe n'amaaso mugazibirizza, n'emitima gyammwe gyewombeese, weebuuze ekibuuzo kino n'obwesimbu. Era osobola okuyimusa omukono gwo nga obujulizi, nga toguyimusa eri nze, wabula eri Katonda, nga ogamba nti, "Ayi Katonda, emmeeme yange n'omwoyo gwange biteeke mu mbeera, ensobozesa okulyanga ku Kigambo kya Katonda kyokka." Osobola okuyimusa omukono gwo, n'ogamba . . . Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa.

159 Ssimanyidde ddala bameka abali wano, abaliwo, ekiro kino. Ssimanyi kuteebereza bungi bwa kibiina, naye nnyinza okugamba nti oba oli awo kimu kya kusatu, oba n'okusingawo, be bawanise emikono gyabwe, nga beetaaga emmeeme zaabwe zizzibwe buggya. Leka tubajjukire mu kusaba kaakano nga bwe tukoteka emitwe gyaffe.

160 Ayi Katonda omwagalwa, nze nvunaanyizibwa kimu kyokka kwogera Kigambo. Era okuyita mu bugero buno obwangu, mu bifaananyi eby'okugeraageranya, abantu bakirabye nti ekimu tekijja kusikira wamu na kirala. Era tukimanyi nti mu nnaku ez'oluvannyuma wagenda kubaawo abantu abajja okukwakkulibwa batwalibwe mu Ggulu, era nga abamu ku bo baliba wano ku nsi Yesu w'alijjira. Nga n'ekiro kino tumulindiridde okudda.

161 Era ndowoozaamu kati emyaka amakumi asatu, emyaka nga asatu oba asatu mu esatu egiyise, lwe nnafukamira wano ndowooza mu budde bwe buti obw'ekiro, ku ssaawa nga ssatu n'ekitundu oba nnya ez'ekiro, nga nsabira kitange eyali yabula. Ekiro kya leero, Mukama wange, nsabira ba taata bangi, ne ba maama bangi, ne baganda baffe ne bannyinaffe. Toobasaasire, ayi Katonda omwagalwa? Obudde bwayita dda kitange takyayinza kubaako ky'akola ku nsonga eyo; yamala dda okusukka ensalo y'obulamu buno. Era mangu ddala, ayi Mukama, ffenna tujja kukwata ekkubo lye limu eryo. Nange, kennyini, nteekwa okulikwata. Buli musajja na buli mukazi, omulenzi oba omuwala, ali wano, ateekwa okulikwata. Era tulibuuzibwa ebyo bye twakola n'Ekigambo kya Katonda.

162 Omusajja oli nga yalabika nga wa wansi nnyo, mu maaso ga Dawudi, bwe yali amuwandulira amalusu! Abantu bali nga balyeraba nga tebalina kye bali, abo abaawandulira Yesu Kigambo amalusu, bw'Alikomawo, n'abo abaamufumita. Abantu nga baliwulira nga tebalina kye bali abo abavuddenga wano nga bamaze n'okulaba e . . . nga si na bigambo bikulu bya Luyonaani, n'ebirala, naye obutonde bwennyini nga butuyigiriza Katonda Omutonzi mu ngeri ennyangu; ne balaba

ebyetissi by'Ekigambo, ne balaba Ekigambo Kyennyini, ne bamanya n'ekiseera kye tulimu, n'okutegeera ne bategeera nti ekiseera ky'amakungula kituuse.

163 Ayi Katonda omwagalwa, leka tuleme kukikuba mabega, olw'okutwalamu obusirusiru obw'ensi, naye leka ekiro kino tumusembeze n'emitima gyaffe gyonna. Ayi Mukama, ntondaamu omwoyo omulungi, Omwoyo w'Obulamu, nsobole okukkiriza Ebigambo Byo byonna, era nzikirize Yesu Ekigambo, oyo abeera obumu jjo, leero, n'emirembe gyonna, era nzikirize leero ekitundu ekyo ekyagerekerwa omulembe guno. Kinkolere, ayi Mukama. Nkisabye mu Linnya lya Yesu.

164 Kaakano ŋŋenda kusaba buli omu ku mmwe, nga bwe mulowooza ku kino, mu bwesimbu ddala. Tetulina kkanisa gye mugenda kwegattako. Tulinawo wano ekidiba ky'amazzi omw'okubabatiriza, "Abo bonna abakkiriza ne babatizibwa," bw'oba tobatizibwanga mu kubatizibwa okw'Ekikristaayo. Ekyo tekitegeeza kumansirwako mazzi, oba kuyiibwako amazzi; kitegeeza kunnyikibwa. Si mu bitiibwa ebya Kitaffe, Mwana, Mwoyo Mutukuvu, wabula mu Linnya lya "Yesu Kristo," nga ekkanisa yonna bwe yabatizibwa, okutuusa ekereziya Katolika mu mwaka 303 bwe yayingizaamu bakatonda abasatu n'engeri essatu ez'okubatizibwamu, mu bitiibwa by'obusatu. Okubatizibwa okwo bw'oba tokufunanga, enkya ku ssaawa nnya ez'oku makya ebyambalo gyebiri bikulinze ojje obatizibwe emmanga wali.

165 Mujje mwegatte ku Yesu Kristo, so ssi kwegatta ku ffe. Ffe wano tetulinaawo na kkanisa enaabalabirira. Mugende mu kkanisa yonna gye mwagala okugendamu, eyo ewammwe gye muva, naye, bambi, mukkirize Ekigambo kino. Mukikkiriza? Muddeemu nti, "Amiina." [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Katonda abawe omukisa. Mukole nga . . .

166 Bwe waba waliwo ekintu kyonna kye tuyinza okukuyambamu, weetuli okukikola.

167 Kati, mmanyi nga wano waliwo abalwadde. Obudde butugenzeeko, ekiro kino, tetusobola kuba na lunyiriri lwa baakusabirwa. Naye, oba oli awo tunaaba nalwo. Njagala buli omu ku mmwe obeeko ne ky'onkolera. Olina omuntu akuli okumpi; teeka omukono gwo ku muntu oyo.

Era awatali kubuusabuusa omukono gwo ogutadde ku mpungu, oba oli awo empungu ebadde erya emmere y'ensega okuva awantu awamu; naye nga egyetamiddwa. Tekyabyetaaga. Eyagala kubivaamu. Ebikooye ebyetamiddwa. Etuddeko wano ekiro kino n'eraba empungu kye zirina okulya, Ekigambo, n'okubeera ne Kristo omulamu wakati mu zo, nga Yeeyoleka nga mulamu, jjo, leero, n'emirembe gyonna. Teyagala kusikira wamu na bisusunku; kubanga bya kwokebwa. Ebisubi byonna

n'ebiringa ebyo bya kwokebwa. Ekyuma ekikungula eŋŋaano kijja okukuba Eŋŋaano kigiggyemu. Oyagala kubeera Ŋŋaano.

168 Waliwo abamu ku bo abalwadde, abamu ku bo balwadde mu mubiri. Ggwe empungu, njagala osabe. Sabira muganda wo, mwannyoko oyo mpungu, nga nange bwe mbasabira wano. Leka Omwoyo wa Katonda abakkeko.

169 Mujjukire nti, mbawa Mmere ya Mpungu, ekisuubizo kya Katonda. Bannabbi Be abayita, "mpungu." Ye yeeyita "Mpungu enkulu," Ye Yakuwa Mpungu. Kale nga bwe mutadde emikono buli omu ku munne, buli omu sabira munno.

170 Kitaffe Ow'omuggulu, Ekigambo Kyo kigamba, okutuma okwasembayo kwe Wawa Ekkanisa Yo, kwali nti, "Mugende mu nsi zonna, mubuulire Enjiri," kye kyali ekiragiro eri bonna, "oyo akkiriza n'abatizibwa alirokoka; oyo atakkiriza gulimusinga. Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza; mu Linnya Lyange banaagobanga emizimu; banaayogeranga ennimi empya; bwe balinywa ekitta kyonna, tekiribakola kabi konna; bwe balikwata ku misota, tegiribakola kabi konna; era bwe banaateekanga emikono ku balwadde, banaawonanga."

Ayi Yakuwa Mpungu, liisa abaana Bo ekiro kino n'Ekigambo ekyo, Mukama. Bali mu bwetaavu. Ekyo kye kika ky'emmere kye beetaaga. Ekyo kye beetaaga, okumanya Emmere ky'eri, okumanya BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA bw'ali.

171 Wasuubiza, nti bwe banassanga emikono ku bannaabwe, banaawonanga. Ayi Mukama Katonda, tuggyeemu okubuusabuusa n'endowooza zonna ez'ensega kaakano. Era twewereyo ddala tulye Emmere y'Empungu, Ekigambo kya Katonda.

172 Leka buli mwoyo ogutali mulongoofu oguli mu bantu bano, buli mwoyo ogw'okubuusabuusa, buli mwoyo gw'okutya, na buli kalandira konna ak'ekinnaddiini akabeesibyeko, buli muze, buli ndwadde, buli bulwadde obuli mu bantu bano, leka bigende. Mu Linnya lya Yesu Kristo, leka bive mu kibiina ky'abantu kino. Era leka babeere ba ddembe okuva mu kaseera kano okweyongerayo, basobole okulya Emmere y'Empungu gye tukkiriza gy'Onootuweereza okuyita mu wiiki eno yonna, ayi Mukama, nga obembula Obubonero obwo era nga otulaga ebyama ebyo ebyali byakwekebwa okuva ku kutondebwa kw'ensi, nga bwe Wasuubiza. Babo, Kitaffe. Mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

173 Abo bonna abakkiriza era abakisembeza, muyimirire, mugambe nti, "Nzikiriza. Nkisembeza. Ekyo Katonda kye yansuubiza, nkitwala." [Ekibiina kigolokoka n'eddoboozi ery'okukisembeza—Omuk.]

Mukama abawe omukisa. Ekyo kirungi. Buli omu ayimiridde! Ekyo kirungi.

Tuwe ku ddoboozi ly'oluyimba, *Mmwagala.* Kale ka tumuyimbire oluyimba luno, "Mmwagala, mmwagala kubanga Ye yasooka okunjagala." Ffenna wamu kaakano.

Mmwagala,

Bwe muba mumwagala, leka tuyimuse emikono gyaffe.

Mmwagala
Kubanga Ye yasooka okunjagala
Era n'asasulira obulokozi bwange
Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

174 Ha, ssi Mulungi nnyo? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Leka tukwataganeko mu ngalo. Ow'oluganda, Mpungu, kyuka, mwannyinaze, kwatako munno mu ngalo, nga bwe tuluyimba.

Mmwagala . . .

Ow'oluganda Mpungu! Ow'oluganda Mpungu! Ow'oluganda Mpungu, nga aweereza Ekigambo! Charlie, oli otya? Katonda akuwe omukisa, ow'oluganda. Nsanyuse okukulaba! Katonda akuwe omukisa, ow'oluganda. Katonda akuwe omukisa, Ow'oluganda Mpungu. Katonda akuwe omukisa.

Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

Leka tuddemu tuyimuse emikono gyaffe gy'Ali.

Mmwagala, mmwagala
Kubanga Ye yasooka okunja . . .

Era Yakufuula mpungu!

Era n'asasulira obulokozi bwange
Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

175 Onootegeerera ku ki, ensi eneetegeerera ku ki nti mwagala Yesu? Bwe tuba nga twagalana. Bw'etyo ensi bw'e . . . Olaba, Katonda ye alaba kukkiriza kwo; naye yo ensi eraba bikolwa byo. Kaakano mwagalanenga. Mubeere ba kisa buli omu eri munne. Mwogerenga buli omu ne munne. Buli omu agumiikirize munne.

N'okuluŋŋamya okulala kwonna kwe tuyinza okubawa, ku kubatizibwa, okunoonya Omwoyo Omutukuvu . . . Wano tetulinaawo bisenge mwe tuyinza kukikolera, ndowooza mukitegeera. Abaagala okulokoka, Katonda bw'aba akumatizza nti Kino kituufu, nti Yesu Kristo y'omu jjo, leero n'emirembe gyonna, era nga oyagala kumwegattako, enkya, genda obatizibwe mu Linnya Lye. Wajja kubaayo abasajja abanaakuluŋŋamya. Kyonna kyonna kye tusobola okukola okukuyamba, tujja kukikola.

Mmwagala, mmwagala

Mmwe abali eyo abayungiddwa ku masimu kaakano, e Tucson, eri mu California, eri mu Buvanjuba, muyimuse emikono gyammwe, n'abali eri mu . . . ? . . . Mumutendereze!

N'asasulira obulokozi bwange

(Ani agenda okutusiibula? Kwasa Ow'oluganda Neville. . .?. . .) Kati, okutuusa akawungeezi k'olw'enkya, leka mbakwase Ow'oluganda Neville, omusumba waffe.

Ensigo Tesikira Wamu Na Kisusunku LUG65-0218
(The Seed Is Not Heir With The Shuck)

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Lwakuna akawungeezi, nga 18 Febwali, 1965, mu Ssomero lya Parkview Junior High School mu Jeffersonville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2022 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org